A (to B):	Yee.	Yee.
B (to C):	___ ayigiriza + abaana.	___ ayigirizza + abaana.
C :	Ooo! Kirungi.	Ooo! Kirungi.

okudda (-zze)

A,B (to C):	Tudda + mu kibiina·.	Tuzze + mu kibiina·.
C (to A,B):	Mudda + mu kibiina·?	Muzze + mu kibiina·?
A,B (to C):	Yee.	Yee.
C (to D):	_ ne _ badda + mu kibiina·.	_ ne _ bazze + mu kibiina·.
D :	Ooo! Kirungi.	Ooo! Kirungi.

3

okuggula (-ggudde)

A,B (to C):	Tuggula + oluggi.	Tuggudde + oluggi.
C (to A,B):	Muggula + oluggi?	Muggudde + oluggi?
A,B (to C):	Yee.	Yee.
C (to D):	_ ne _ baggula + oluggi.	_ ne _ baggudde + oluggi.
D (to C):	Ooo! Nga + kirungi!	Ooo! Nga + kirungi!

okutuula (-tudde)

A,B (to C):	Tutuula + ku ntebe.	Tutudde + ku ntebe.
C (to A,B):	Mutuula + ku ntebe.	Mutudde + ku ntebe?
A,B (to C):	Yee.	Yee.
C (to D):	_ ne _ batuula + ku ntebe.	_ ne _ batudde + ku ntebe.
D (to C):	Ooo! Nga + kirungi.	Ooo! Nga + kirungi.

okwebaka (-eebase)

A,B (to C):	Twebaka mangu.	Twebase mangu.
C (to A,B):	Mwebaka mangu?	Mwebase mangu?
A,B (to C):	Yee.	Yee.
C (to D):	_ ne _ beebaka mangu.	_ ne_ beebase mangu.
D (to C):	Ooo! Kibi.	Ooo! Kibi.

The remaining drills in this series introduce the perfective negative forms of the same verbs.

okwambala (-ambadde)

A (to B):	Sambala + ngatto.	Sambadde + ngatto.
B (to A):	Toyambala + ngatto?	Toyambadde + ngatto?
A (to B):	Nedda.	Nedda.
B (to C):	(Mary) tayambala + ngatto.	Mary/tayambadde + ngatto.
C :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okutegeera (-tegedde)

A (to B):	Sitegeera + bulungi.	Sitegedde + bulungi.
B (to A):	Totegeera + bulungi?	Totegedde + bulungi?
A (to B):	Nedda.	Nedda.
B (to C):	(John) tategeera + bulungi.	____ tategedde + bulungi.
C :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okubeera (-badde)

A (to B):	Sibeera + mu kibuga.	Sibadde + mu kibuga.
B (to A):	Tobeera + mu kibuga?	Tobadde + mu kibuga?
A (to B):	Nedda.	Nedda.
B (to C):	__ tabeera + mu kibuga.	__ tabadde + mu kibuga.
C :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okulya· (-lidde)

A (to B):	Sirya· + kyankya·.	Siridde + kyankya·.
B (to A):	Tolya· + kyankya·?	Tolidde + kyankya·?
A (to B):	Nedda.	Nedda.
B (to C):	(Bill) talya· + kyankya·.	___ talidde + kyankya·.
C :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okunywa' (-nywedde)

A (to B):	Sinywa' + kaawa.	Sinywedde + kaawa.
B (to A):	Tonywa' + kaawa?	Tonywedde + kaawa?
A (to B):	Nedda.	Nedda.
B (to C):	__ tanywa' + kaawa.	__ tanywedde + kaawa.
C :	Ooo! Bambi!	Ooo! Bambi!

okuwummula (-wummudde)

A,B (to C):	Tetuwummula.	Tetuwummudde.
C (to A,B):	Temuwummula?	Temuwummudde?
A,B (to C):	Nedda.	Nedda.
C (to D):	__ ne __ tebawummula.	_ ne _ tebawummudde.
D :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okuyigiriza (-yigirizza)

A,B (to C):	Tetuyigiriza.	Tetuyigirizza.
C (to A,B):	Temuyigiriza?	Temuyigirizza?
A,B (to C):	Nedda.	Nedda.
C (to D):	__ ne __ tebayigiriza.	__ ne __ tebayigirizza.
D :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

okwebaka (-eebase)

A,B (to C):	Tetwebaka + misana'.	Tetwebase' + misana'.
C (to A,B):	Temwebaka + misana'?	Temwebase' + misana'?
A,B (to C):	Nedda.	Nedda.
C (to D):	_ ne _ tebeebaka + misana.	_ ne _ tebeebase' + misana'.
D :	Ooo! Nga + kitalo!	Ooo! Nga + kitalo!

Glossary:

e.ki.tundu	(KI-BI)	part, half, district
o.mu.somesa	(MU-BA)	teacher
ku.no		around here
.jja (.izze)		come
era		and, also
kitalo!		pity!
Nga+kitalo!		What a pity!
kirungi		it is nice
Nga+kirungi!		How nice!
bambi!		pity

LESSON 35

1. Have the students use the question [Kiki # kino?] in order to learn the following nouns:

ekkalaamu
ekitabo
essaawa
ensimbi
ensawo
ekifaananyi
ebbaluuwa y'ekkubo
empeta

In answer to the question [Kiki # kino?], these words will of course be used without initial vowel.

2. Point to your own watch. Say [Nnina + essaawa.], and immediately ask a student who has a watch [Olina + essaawa?]. He should reply [Yee, nnina + essaawa.]. Do the same with all the objects listed in Step 1.

3. Remove your own watch, put it aside, and say [Sirina + ssaawa.] Or use the name of some other object that you do not have, such as [Sirina nsimbi.] Have a student ask you [Olina + (essaawa)?], and reply [Nedda, sirina + ssaawa.]

4. DRILL: Affirmative vs. negative, 'have'.

essaawa	Olina + essaawa?	Sirina + ssaawa.
omwana	Olina + omwana?	Sirina + mwana.
abaana	Olina + abaana?	Sirina + baana.
omusomesa	Olina + omusomesa?	Sirina + musomesa.
ensimbi / nnyingi	Olina + ensimbi / nnyingi?	Sirina + nsimbi/ nnyingi.
empeta	Olina + empeta?	Sirina + mpeta.

5. DRILL: Person and number in negative statements.

	Sirina + nsimbi / nnyingi.
ye	Talina + nsimbi / nnyingi.
empeta	Talina + mpeta.
ffe	Tetulina + mpeta.
ebbaluuwa z'ekkubo	Tetulina + bbaluuwa za kkubo.
bo	Tebalina + bbaluuwa za kkubo.
abaana	Tebalina + baana.
ggwe?	Tolina + baana.
essaza	Tolina + ssaza.
mmwe?	Temulina + ssaza.

6. Ask the students [Olina (essaawa)?], using the names of as many objects as they know. They should answer affirmatively or negatively, whichever is true.

7. Practice with the question [(John) alina + (essaawa)?]. Answers should again be either affirmative or negative, whichever is true.

Summary:

This lesson introduces the negative present forms of 'have'. Take all opportunities, outside of class as well as in, to ask people in Luganda whether they have this or that.

To the student:

This word that is translated 'have' is derived from a phrase meaning 'be with'. It is pronounced as a single word in modern Luganda, however.

Glossary:

e.s.saawa	(N)	hour, clock
e.n.simbi	(N)	money
e.n.sawo	(N)	bag, pocket
e.ki.faananyi	(KI-BI)	picture
e.b.baluuwa y'ekkubo	(N)	passport
e.m.peta	(N) (stem [.weta])	ring

LESSON 36

1. Give the students practice in pronouncing the following sentences:

   Mu kibiina· # kino / mulimu + (emmeeza).

   Ku (mmeeza) # eno / kuliko + (ensimbi).

   Mu kibiina· # kino / mulimu + (entebe) / (ttaano).

2. Using gestures, teach the students the meanings of the above sentences. Make some additional true statements by substituting other words for the words in ( ). Have the students repeat these statements after you. Ask [Mutegedde?] to be sure that they understand each sentence that they repeat.

3. Ask questions of these kinds:

   Mu kibiina· # kino / mulimu + (essaawa)?

   Mu kibiina· # kino / mulimu + (essaawa) / mmeka?

   Ku mmeeza # eno / kuliko (ebitabo)?

   Ku mmeeza # eno / kuliko (ebitabo / bi)meka?

4. DRILL: Affirmative vs. negative 'there is'

	'There is one chair inside.'	'There aren't many chairs inside.'
entebe	Mulimu + entebe / emu·.	Temu-li + ntebe / nnyingi.
ekifaananyi	Mulimu + ekifaananyi / kimu·.	Temu-li + bifaananyi / bingi.
ebbaluuwa	Mulimu + ebbaluuwa / emu·.	Temu-li + bbaluuwa / nnyingi.
abantu	Mulimu + omuntu / omu·.	Temu-li + bantu / bangi.
omulimu	Mulimu + omulimu / gumu·.	Temu-li + mirimu / mingi.

5. Continue with questions like the ones in Step 3, but add questions like:

   Olina + ensimbi?
   Olina + ekkalaamu / mmeka?
   Tulina + essaawa?
   (John) / alina + ekitabo?

   The students' answers should be factually true, as well as grammatically correct.

Summary:

'Have' with locative subject prefixes is commonly translated 'there is / are'. Take every opportunity, both in class and outside, to comment on the presence or absence of various articles.

To the student:

In [mulimu], the first [mu] is a subject prefix of one of the 'locative' classes. These classes, as their name indicates, have to do with locations, rather than with things. The [mu] class has to do with location inside of something. Similarly, the [ku] in [kuliko] is the subject prefix for a locative class which in Luganda stands for specific location, often on something. See Ashton, p. 249-50; Chesswas, chapter XIV.

The final enclitics [mu] and [ko] of course represent the same classes as their respective subject prefixes. They are found only in the affirmative.

Glossary:

	.lina (.badde na)	have
Compare:	.li ne	be with

LESSON 37

1. **Familiarization with the sound of the dialog.**

   Let the students listen to the entire dialog on the tape once or twice. Or read it aloud to them once or twice. Students' books should be closed at all times.

2. **Pronunciation buildups.**

   Have the students repeat the following after you one line at a time. Be very careful of their pronunciation. If necessary, repeat each line two or three times with each student.

	ekibiina'	class
	mu kibiina'	in class
	mu kibiina' kyo	in your class
	abaana	children
	abaana / bameka?	how many children
	olina + abaana / bameka?	how many children do you have
A:	Olina + abaana / bameka + mu kibiina' kyo?	How many children do you have in your class?
	amakumi / asatu	three tens
	abaana / amakumi / asatu.	thirty children
B:	Nnina + abaana / amakumi / asatu.	I have thirty children.
A:	Ooo! Bangi!	Ooo. They're many!
B:	Bangi.	They are.
	abalenzi	boys
	n'a-balenzi	and boys
	abawala n'a-balenzi	girls and boys
	osomesa + abawala / n'abalenzi?	do you teach girls and boys?

	bawala	girls
	Bonna / bawala?	are all of them girls?
A:	Bonna / bawala, oba / osomesa + abawala / n'a-balenzi?	Are all of them girls, or do you teach girls and boys?
B:	Bonna / bawala.	All of them are girls.
A:	Bawala / beereere?	Girls only?
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Ooo!	Ooo.

3. Translation.

4. Role playing.

5. DRILL: Concord of numerals with nouns.

A	B	C	
abaana	Mulimu + abaana / kkumi + na babiri.	Ooo!	Bangi!
abawala	Mulimu + abawala / kkumi + na babiri.	Ooo!	Bangi!
abalenzi	Mulimu + abalenzi / kkumi + na babiri.	Ooo!	Bangi!
entebe	Mulimu + entebe / kkumi + na bbiri.	Ooo!	Nnyingi!
emmeeza	Mulimu + emmeeza / kkumi + na bbiri.	Ooo!	Nnyingi!
ebitabo	Mulimu + ebitabo / kkumi + na bibiri.	Ooo!	Bangi.
enguudo	Mulimu + enguudo / kkumi + na bbiri.	Ooo!	Nnyingi!
ebibiina·	Mulimu + ebibiina· / kkumi + na bibiri.	Ooo!	Bingi!
amaterekero	Mulimu + amaterekero / kkumi + n'abiri.	Ooo!	Mangi!

6. DRILL: Concords involving [-onna] 'all'

ekkalaamu	Ekkalaamu # zonna / ziri ku mmeeza?
ebitabo	Ebitabo # byonna / biri ku mmeeza?
ekyenkya·	Ekyenkya· # kyonna / kiri ku mmeeza?
engatto	Engatto # zonna / ziri ku mmeeza?
entebe	Entebe # zonna / ziri ku mmeeza?
essaawa	Essaawa # zonna / ziri ku mmeeza?

7. The students, with the help of their instructor, should assemble a list of the forms of [-ereere] that agree concordially with each of the following nouns: [abantu, emmeeza, emigga, ensimbi, ebifaananyi, amakolero].

Glossary:

o.mu.wala	(MU-BA)	girl
o.mu.lenzi	(MU-BA)	boy
.onna		all
.ereere		barely, only, empty

LESSON 38

This lesson is based on a short monolog about Kampala. Three slightly different versions of the monolog are on the tape:

1. Listen to these monologs straight through, just to see how much you can understand.

2. Next, learn the following short sentences. Practice them until you can give them easily and correctly in response to the English translations.

a.	Kampala / kibuga.	Kampala is a city.
b.	Kye kibuga + ekikulu + mu Uganda.	It is the capital city of ('in') Uganda.
c.	Kampala / kiri mu Buganda.	Kampala is in Buganda.
d.	Kiri mu makkati ga Uganda.	It is in the centre of Uganda.
e.	Kirimu + abantu / bangi + ab'enjawulo.	Therein are many different people.
f.	Bava' mu mawanga / mangi.	They come from many tribes.
g.	Buganda / ggwanga.	Buganda is a tribe.
h.	Bunyoro ne Ankole / mawanga.	Bunyoro and Ankole are tribes.
i.	Abantu / bangi / babeera mu Kampala.	Many people live in Kampala.
j.	Bakola + emirimu / mingi + egy'enjawulo.	They do many different [kinds of] work.
k.	Babajja.	They do carpentery.
l.	Bazimba.	They do building.
m.	Bakola + emirimu + egy'omu ofiisi.	They do office jobs.
n.	Mulimu + ofiisi / nnyingi.	There are many offices.
o.	Mulimu + ebitongole / bingi.	There are many departments.

3. Listen again to the first version of the monolog and answer the following questions asked by the instructor. Students' books should remain closed.

1. a. Kampala kibuga?
   b. Kampala nsi?
   c. Kampala kye ki?

2. a. Kampala kye kibuga ekikulu mu Uganda?
   b. Kampala kye kibuga ekikulu mu nsi ki?

3. a. Kampala kiri mu kitundu kya Buganda?
   b. Kampala kiri mu kitundu ki mu Uganda?
   c. Kampala kye ki?

4. a. Kampala kiri mu makkati ga Uganda?
   b. Kampala kiri ludda wa?
   c. Kampala kye ki?

5. a. Kampala kirimu abantu bangi ab'enjawulo?
   b. Kampala kirimu abantu ba ngeri ki?
   c. Kampala kye ki?

6. a. Abantu b'omu Kampala bava mu mawanga mangi?
   b. Abantu b'omu Kampala bava wa?
   c. Kampala kye ki?

7. a. Buganda ggwanga?
   b. Buganda kibuga?
   c. Buganda kye ki?

8. a. Bunyoro ne Ankole mawanga?
   b. Bunyoro ne Ankole bibuga?
   c. Bunyoro ne Ankole kye ki?

9. a. Abantu bangi babeera mu Kampala?
   b. Abantu bameka ababeera mu Kampala?

10. a. Bo bakola emirimu mingi egy'enjawulo?
    b. Bo bakola mirimu ki?

11. a. Babajja?
    b. Bakola ki?

12. a. Bazimba?
    b. Bakola ki?

13. a. Bakola emirimu egy'omu ofiisi?
    b. Bakola ki?

14. a. Mulimu ofiisi nnyingi?
    b. Mulimu ofiisi mmeka?

15. a. Mulimu ebitongole bingi?
    b. Mulimu ebitongole bimeka?

4. **Dictation:** Before looking at the following text, listen to the second version of the monolog and try to write it down. Then check yourself by looking at the printed version.

Káḿpálá / kyè kìbúgà + èkìkúlù + mù Ùgáńdà. Kírí mú
Úgáńdà, mù nsí + Bùgáńdà + mù mákḱátí gá Úgáńdà.
Kírí-mú + àbàǹtù / báńgì / àb'á-máwáńgà / máńgì,
ng'́ + Àbàgáǹda , Àbányóró, Àbànyáńkólè, n'Àbéèru,
ng'́ + Àbàzúǹgù / n'A̋-bàyíǹdì / n'á-bàlálá. Àbáńtú +
báámú / ba̍kòlà + èmìrìmù / gya njáẁulo, ng'́ + òkúbájjá,
òkúzímbá, èrá / mu̍lí-mú / ne̍ ófììsì / nyíńgì /
èz'e̋-bítóńgòlè + èbírálá.

5. **DRILL:** Concordial agreement.

emirimu	emirimu / mingi + egy'enjawulo
abantu	abantu / bangi + ab'enjawulo
amawanga	amawanga / mangi + ag'enjawulo
ebitongole	ebitongole / bingi + eby'enjawulo
Abeeru	Abeeru / bangi + ab'enjawulo

6. **DRILL:** Tone changes with [nga] 'such as'.

Abaganda	abantu / bangi + ng'+Abaganda, n'a-balala
Abanyoro	abantu bangi ng'Abanyoro n'abalala
Abanyankole	abantu bangi ng'Abanyankole n'abalala
Abeeru	abantu bangi ng'Abeeru n'abalala
Abazungu	abantu bangi ng'Abazungu n'abalala

7. Try to anticipate the whole word that belongs in each blank. Check yourself by listening to the third version of the monolog.

Kiri mu _____, mu _____ ga Uganda. Kirimu _____
bangi _____, ng'Abaganda, ______, Abanyankole,
______ ng'Abazungu ______. Abantu ______ bakola
______ mingi, ng'okuzimba, okubajja ___________.

8. Tell in your own words as much as you can remember about Kampala.

Glossary:

e.n.jawulo (N) (stem [.awulo])	difference
_'_njawulo	different
e.g.gwanga (LI-MA) (stem [.wanga])	tribe
.bajja (.bazze)	do carpentry, cabinet work
.zimba (.zimbye)	build
o.mu.limu (MU-MI)	work, job
e.ki.tongole (KI-BI)	department (of gov't)
.lala	other
e.n.geri (N)	kind

LESSON 39

1. Teach the students to pronounce these sentences, first the left-hand column and then the right-hand column.

Ŋŋenda + ku luggi.	Omusomesa / agenda + ku luggi.
Nzigala + oluggi.	Omusomesa / aggala + oluggi.
Nzigula + oluggi.	Omusomesa / aggula + oluggi.
Nva· + ku luggi.	Omusomesa / ava· + ku luggi.
Ntuula + ku ntebe.	Omusomesa / atuula + ku ntebe.
Nnyimirira.	Omusomesa / ayimirira.
Ŋŋenda + ku lubaawo·.	Omusomesa / agenda + ku lubaawo·.
Mpandiika + ku lubaawo·.	Omusomesa / awandiika + ku lubaawo·.

2. Act out the sentences in Step 1, Column 1. As you perform each action, say the sentence aloud. Have one of the students tell the rest of the class what you are doing by reciting sentences from Column 2.

3. Have individual students go through the same actions, as they say the sentences from Column 1. At the same time, have one of the other students say [(John) ava ku luggi.], etc.

4. Begin as in Step 2, by walking toward the door and saying [Ŋŋenda ku luggi.], but when you get to the door, stop and say [Ŋŋenze ku luggi.]. Immediately ask someone [Nkoze ki?]. He should answer [Ogenze + ku luggi.].

In the same way, introduce the sentences:

Nzigadde + oluggi.   Oggadde oluggi.

A	A	B
Nzigadde + oluggi.	Nkoze·ki?	Oggadde + oluggi.
Nnyimiridde + mu kibiina·.	Nkoze·ki?	Oyimiridde + mu kibiina·.
Ndidde + ekyenkya.	Nkoze·ki?	Olidde + ekyenkya.
Nnyambadde + engatto.	Nkoze·ki?	Oyambadde + engatto.
Nzize· + mu kibiina.	Nkoze·ki?	Ozze· + mu kibiina.
Ndabye· + enkulungo.	Nkoze·ki?	Olabye· + enkulungo.

Drills on other forms of these verbs:

(Note that the person who takes Role A in one drill is not necessarily the same one who takes Role A in another drill.)

A (to B): Olidde + ekyenkya·?
B (to A): Siridde + kyankya·.
A (to C): -B- talidde + kyankya·.
C : Ooo! Kitalo!

A (to B): Naawe -C- / mulidde + ekyenkya·?
B (to A): Nedda, tetulidde + kyankya·.
A (to D): -B- ne -C- tebalidde + kyankya·.
D : Ooo! Bwe kiri?

A (to B): Oggadde + oluggi?
B (to A): Nedda, siggadde + luggi.
A (to C): -B- taggadde + luggi.
C : Ooo! Bwe kiri?

A (to B): Naawe -C- / mwambadde + engatto?
B (to A): Nedda, tetwambadde + ngatto.
A (to D): -B- ne -C- tebambadde + ngatto.
D : Ooo! Kibi!

Use other verbs in short drills of this kind.

Summary:

This lesson introduces the vocabulary for talking about some things that can happen in a classroom. Using Luganda, get your instructor's help in learning expressions for describing other classroom activities that you might need to talk about someday.

Glossary:

.ggala	(.ggadde)	shut
.ggula	(.ggudde)	open
.tuula	(.tudde)	sit down
.yimirira	(.yimiridde)	stand up
.wandiika	(.wandiise)	write

Sample of free conversation:

A:	Mwami Ochola, okola ki? Weebase?	Mr. Ochola, what are you doing? Are you sleeping?
B:	Nedda, ngolokose era nsoma bbaluuwa.	No, I have gotten up and I am reading a letter.
A:	Evudde wa?	Where has it come from?
B:	Evudde mu Amerika.	It has come from America.
A:	Ogenda mu Amerika?	Are you going to America?
B:	Nedda, sigenda mu Amerika. Sirina bbaluuwa ya kkubo.	No, I am not going to America. I don't have a passport.
A:	Ooo.	Ho ho.
B:	Eee.	Ha ha.

LESSON 40


ettuntu
enkya˙
olweggulo
emisana
amatulutulu
akawungeezi
ekiro˙
ettumbi

1. Copy this diagram onto the blackboard, if you have one. Point to the appropriate spot and teach the students to say [essaawa / emu˙_ + ey'enkya˙]. In the same way, teach them to say:

   essaawa / bbiri + ez'enkya˙
   essaawa / ssatu + ez'enkya˙
   essaawa / nnya˙_ + ez_'enkya˙
   essaawa /ttaano + ez'enkya˙
   essaawa / mukaaga + ez'omu ttuntu
   essaawa / musanvu + ez'olweggulo
   essaawa / munaana˙ + ez'olweggulo
   essaawa / mwenda˙ + ez'olweggulo
   essaawa / kkumi˙ + ez'olweggulo

essaawa / kkumi + n'emu' / ez'olweggulo
essaawa / kkumi na bbiri + ez'akawungeezi
essaawa / emu' + ey'akawungeezi (or: ey'ekiro')
essaawa / bbiri + ez'akawungeezi (or: ez'ekiro')

2. Carry on conversations like these:

a. T: Tu(golokoka) (mu matulutulu)?
S: Yee, tu(golokoka) mu matulutulu.

b. T: Tu(golokoka) (mu ttuntu), oba / (mu matulutulu)?
S: Tu(golokoka) (mu matulutulu).

c. T: Tu(golokoka) (mu ttuntu)?
S: Nedda, tetugolokoka + mu ttuntu.

T: Tu(golokoka) ddi?
S: Tu(golokoka) (mu matulutulu).

In all of the above conversations, be sure to use other verbs in place of [-golokoka], and other times of day in place of [matulutulu].

Glossary:

e.mi.sana	(MI)	daytime
e.ki.ro'	(KI)	night
a.ma.tulututulu	(MA)	early morning, dawn
e.n.kya'	(N)	morning
e.t.tuntu	(LI)	noon
o.lw.e.g.gulo	(LU)	afternoon
e.g.gulo	(LI)	afternoon
a.ka.wungeezi	(KA)	evening
e.t.tumbi	(LI)	midnight

LESSON 41

1. Familiarization with the sound of the dialog.

Let the students listen to the entire dialog on the tape once or twice. Or read it aloud to them once or twice. Students' books should be closed at all times.

2. Pronunciation buildups.

Have the students repeat the following after you one line at a time. Be very careful of their pronunciation. If necessary, repeat each line two or three times with each student.

	otyanno + ssebo?	how are you, sir?
A:	Osiibye˙ otya+nno + ssebo?	How have you spent the afternoon, sir? [Good afternoon, sir]
	maama	madame
B:	Bulungi + maama.	Well, madame.
A:	Mmm.	Mmm.
	otya+nno	how are you
B:	Osiibye˙ + otya+nno?	How have you spent the afternoon? [Good afternoon]
A:	Bulungi.	Well.
B:	Mmm.	Mmm.
	ggw' # ani?	you are who?
A:	Erinnya‿lyo / ggw' # ani?	What's your name?
	Waiswa	Waiswa
	nze # Waiswa	I am Waiswa
B:	Erinnya lyange / nze # Waiswa	My name is Waiswa.
	Waiswa	Waiswa
A:	Ggwe # Waiswa?	You are Waiswa?

B:	Mmm.	Mmm.
	ludda+wa?	where
A:	Ova·ludda+wa?	Where do you come from?
	waffe	my home
	ye	it is
	ye waffe	that is my home
	Busoga	Busoga
B:	Nva· Busoga, ye waffe.	I come from Busoga, that's my home.
	wammwe?	your home
A:	Ye wammwe?	Is that your home?
B:	Mmm.	Mmm.
	omukyala	wife
	olina-yo	do you have there
A:	Olina-yo + omukyala?	Do you have a wife?
	omu·	one
	omukyala / omu·	one wife
	nnina-yo	I have there
B:	Yee, nnina-yo + omukyala / omu·.	Yes, I have one wife.
	abaana	children
A:	N'a-baana?	And children?
	basatu	three
	abaana / basatu	three children
B:	N'a-baana / basatu.	And three children.
	kirungi	good
	nga+kirungi!	wonderful!
A:	Ooo. Nga+kirungi!	Ooo. (It's) wonderful!

3. Translation:

Tell the students what each line of the dialog means. Give them the Luganda one line at a time, and have them give you the English. Then give them the English meanings, and have them give you the Luganda. Do not spend more than 10 per cent of the time on this step!

4. Role playing:

Take the part of the first speaker in the dialog. Turn to a student and say the first line. He should reply with the second line. Continue in this way until you reach a good stopping place.

Choose two students and have them act out the dialog between themselves. The first time they should follow the dialog exactly as it is in the book. Later, they should adapt it by using their own names, and the places that they are really from.

5. DRILL: Tone shifts with [n'-] 'and, with'.

àbá̱ànà / basatu	n'́á̱-bá̱ànà / basatu
àbá̱ànà / munaana	n'́á̱-bá̱ànà / munaana
àbàký̱àlà / basatu	n'́á̱-báký̱àlà / basatu
àbàký̱àlà / munaana	n'́á̱-báký̱àlà / munaana
àbàlèǹzì / basatu	n'́á̱-bàleǹzì / basatu
àbàlèǹzì / munaana	n'́á̱-bàlèǹzì / munaana
àbàwá̱là / basatu	n'́á̱-báwálá̱ / basatu
àbàwá̱là / munaana	n'́á̱-báwálá̱ / munaana
àbàsó̱mèsà / basatu	n'́á̱-básómé̱sà / basatu
Àbàgá̱ǹdà / basatu	n'́Á̱bágáṉ́dà / basatu
èbìbí̱íná̱ / bisatu	n'́é̱-bíbí̱íná̱ / bisatu
èkkàlá̱àmù / ssatu	n'é̱kkálá̱àmù / ssatu
èbìbí̱íná̱ / munaana	n'́é̱bíbí̱íná̱ / munaana
èkkàlá̱àmù / munaana	n'é̱kkálá̱àmù / munaana

To the student:

The [yo] in [olina-yo] is a locative enclitic. It has to do with general location or existence. Compare the locative enclitics [mu] (location inside) and [ko] (specific location) that were pointed out in Lesson 36.

Glossary:

o.mu.kyala	(MU-BA)	lady, wife

LESSON 42

This lesson also is based on three versions of a recorded monolog.

1. Listen to all three versions straight through just to see how much you can pick up.
2. Learn the following short sentences so that you can give them easily and correctly in response to the English equivalents.

a.	Masindi / kibuga.	Masindi is a town.
b.	Kye'kibuga + ekikulu + mu Bunyoro.	It is the capital of Bunyoro.
c.	Bunyoro / ye nsi˙ / emu˙ + mu Uganda.	Bunyoro is a district in Uganda.
d.	Ye'nsi˙ + eri + mu mambuka.	It is a district which is in the north.
e.	Abantu / bangi / babeera + mu nsi˙ # omwo.	Many people live in that district.
f.	Bayitibwa Banyoro.	They are called Banyoro.
g.	Be'bantu + abasinga + obungi + mu Bunyoro.	They are the majority in Bunyoro.
h.	Mu kibuga / mulimu + amawanga / mangi.	In the city there are many tribes.
i.	Bakola + emirimu / mingi + egy'enjawulo.	They do many various jobs.
j.	ekitongole ky'o-bulimi	department of agriculture
k.	ekitongole ky'e-mirimu	department of works
l.	Abantu b'omu Bunyoro / balimi.	The people of Bunyoro are farmers.

m.	Abalala / bakola+mu makolero.	Others work in factories.
n.	Mu kibuga + Masindi / mulimu + + amakolero.	In the city of Masindi there are factories.

NB In (e) above, some speakers will prefer [eyo] instead of [omwo].

3. Listen again to the first version and answer the following questions as your instructor asks them. Students' books should remain closed.

   a. Masindi kye'ki?
   b. Masindi kibuga kikulu mu nsi ki?
   c. Bunyoro kye ki?
   d. Ye nsi eri mu bukiika ki?
   e. Abantu ab'omu Bunyoro bayitibwa Baganda?
   f. Bayitibwa batya?
   g. Abantu abasinga obungi mu Bunyoro bayitibwa batya?
   h. Mu kibuga mulimu eggwanga limu lyokka?
   i. Bakola omulimu gumu gwokka?

4. **Dictation:** Before looking at the following text, listen to the second version of the monolog and try to write it down. Then check yourself by looking at the printed version.

Màsìǹdì / kyè kìbúgà + èkìkúlù + mù Bùnyóró. Bùnyòrò / yè nsí+èrí mú Úgáńdà. Àbáńtú b'ó-mú Bùnyòrò / Bànyóró, èrá / n'ábàǹtú + ábásíńgá + mù kìbúgà + Màsìǹdì / Bànyóró. Àbáńtú b'ó-mú kíbúgà # òmwò / bákòlà + èmìrìmù / míńgì, nàyé / àbásíńgá + òbúńgì / bákòlà + mù ófíísí z'é-bítóńgòlé. Àbányóró + ábásíńgá + òbúńgì / bàlímí, èrá / n'á-bàlàlà / bákòlà + mù ófììsí.

5. DRILL: The BA and BU classes.

Abanyoro	Abanyoro / babeera mu Bunyoro.
Abagisu	Abagisu babeera mu Bugisu.
Abatoro	Abatoro babeera mu Toro.
Abaganda	Abaganda babeera mu Buganda.
Abannankole	Abannankole babeera mu Ankole.

6. DRILL: The BU and BA classes.

Bunyoro	Abantu abasinga + obungi + mu Bunyoro / Banyoro.
Bugisu	Abantu abasinga obungi mu Bugisu Bagisu.
Ttoro	Abantu abasinga obungi mu Ttoro Batoro.
Buganda	Abantu abasinga obungi mu Buganda Baganda.
Ankole	Abantu abasinga obungi mu Ankole Bannankole.

7. DRILL: Concordial agreement.

abantu	abantu # abo / n'a-balala
ebitongole	ebitongole ebyo n'ebirala
emirimu	emirimu egyo n'emirala
amawanga	amawanga ago n'amalala
ensi	ensi ezo n'endala
obukiika	obukiika obwo n'obulala
abalimi	abalimi abo n'abalala

8. Try to anticipate the whole word that belongs in each blank. Check yourself by listening to the tape.

Masindi _____ kibuga ______ mu ________. Bunyoro
______ nsi ______ mu Uganda _____ mambuka, era ___
b'omu _____ omwo ______ Banyoro. Abanyoro _______
bantu _____ obungi _____ ______ Masindi, naye mulimu

_____ bangi ab'amawanga _____. Abantu _____
Masindi _____ emirimu mingi _____ ofiisi ___
bitongole, ng'obubazzi, obuzimbi, _____ _____.

9. Tell in your own words as much as you can remember about Masindi.

To the student:

For more information about the BU class, see Ashton, p. 211; Chesswas, par. 115-6.

Glossary:

o.bu.limi	(BU)	agriculture
e.k.kolero	(LI-MA)	factory, industry
o.bu.bazzi	(BU)	carpentry
o.bu.zimbi	(BU)	building, construction

LESSON 43

1. Teach the students to pronounce the following sentences:

okugolokoka	Leero / nagolokose· + essaawa / ssatu + ez'enkya·.
okwambala	Leero / nayambadde+essaawa / ssatu + ez'enkya·.
okulya· + ekyenkya·	Leero / nalidde + ekyenkya· + essaawa / ssatu + ez'enkya·.
okugenda mu kibiina·	Leero / nagenze· / mu kibiina· + essaawa / ssatu + ez'enkya·.
okudda + eka·	Leero / nazze + eka· + essaawa / mukaaga + ez'omu ttuntu.
okulya· + ekyemisana·	Leero / nalidde + ekyemisana· + essaawa / mukaaga + ez'omu ttuntu.

2. Ask a student: [Leero wagolokose essaawa mmeka ez'enkya?]. He will either reply [Leero nagolokose essaawa....] or, he will repeat the question. In either case, the sentence [Leero nagolokose essaawa....] will be used by you or by him. Repeat this procedure for all the sentences in Step 1.

3. Ask a student: [Leero wagolokose essaawa mmeka?], or have a student ask you the question.

   Repeat the process with all the verbs that were used in Step 1.

4. DRILL: Present vs. near past tenses.

1	2
Kaakati / ndya· + ekyemisana·.	Enkya· / nalidde + ekyenkya·.
Kaakati / ŋŋenda + mu kibiina·.	Enkya· / nagenze· + mu kibiina·.
Kaakati / nva· + mu kibiina·.	Enkya· / navudde + mu kibiina·.

Kaakati / mpummula.	Eggulo / nawummudde.
Kaakati / ndya· + ekyekiro·.	Emisana / nalidde + ekyemisana·.

5. **DRILL:** Present perfect vs. near past tenses.

Practice the entire drill by repeating the sentences after the instructor. Then use the sentences of the first column as cues and the corresponding sentences of the second column as responses. Finally, use the sentences of the second column as cues and the corresponding sentences of the first column as responses.

Nzigadde + oluggi.	Naggadde + oluggi.
Aggadde + oluggi.	Yaggadde + oluggi.
Tuggadde + oluggi.	Twaggadde + oluggi.
Baggadde + oluggi	Baggadde + oluggi.
Oggadde + oluggi?	Waggadde + oluggi?
Muggadde + oluggi?	Mwaggadde + oluggi?

Nzize· + mu kibiina·.	Nazze· + mu kibiina·.
Azze· + mu kibiina·.	Yazze· + mu kibiina·.
Tuzze· + mu kibiina·.	Twazze· + mu kibiina·.
Bazze· + mu kibiina·.	Bazze· + mu kibiina·.
Ŋŋenze· + ku lubaawo·.	Nagenze· + ku lubaawo·.
Agenze· + ku lubaawo·.	Yagenze· + ku lubaawo·.
Tugenze· + ku lubaawo·.	Twagenze· + ku lubaawo·.
Bagenze· + ku lubaawo·.	Baagenze· + ku lubaawo·.

6. Have each student tell (in the near past tense) as many things as he can that he did earlier today. Ask him at what time he did some of them.

7. Carry on conversations like the following. Substitute other verbs and other times in place of the words in (   ).

T: O(yambala) kaakati?

S: Nedda, na(yambadde) essaawa / (emu).

T: O(yiga + Oluganda) kaakati?

S: Nedda. Si(yiga Luganda) kaakati;
na(yize Oluganda) essaawa (nnya).

To the student:

For detailed non-tonal information on the near past tense, see Ashton, p. 112; Chesswas, par. 62-4. The tones of the affirmative, both indicative and relative, are based on pattern FX(Synopsis, par. 31 and relevant part of verb paradigms).

Glossary:

leero	today
kaakati	now

How to use lessons written in the 'microwave' format.

Lesson 44 and the lessons that follow it are in the 'microwave' format. Each 'microwave' lesson contains one 'cycle'. A 'cycle' begins with the introduction of new material, and ends when that material has been used for communication. 'Communication' should be real, not just simulated.

Each cycle contains at least an 'M phase' and a 'C phase'. 'M' stands for mimicry of pronunciation, manipulation of grammatical elements, learning the meanings of the words and sentences, and a certain degree of memorizing. 'C' stands for connected conversation, and of course for communication. Suggested procedures for use in presenting the M and C phases are given below.

Ways of conducting the M phase in each cycle.

1. Mimicry of the teacher's pronunciation.

   a. Say aloud each of the complete sentences. Have the students repeat them after you. Try to talk at a slow normal rate of speed.

   b. When you hear a wrong pronunciation, correct it by giving the right pronunciation again. For example, if a student says [lero] in Lesson 44, simply say [leero], and have him say it again after you. Or say 'Ssi [kankya], wazira [kyankya]' and have him repeat the correct pronunciation.

When all the students can pronounce all the words and sentences well, teach them the meanings:

2. Meanings of the sentences.

   a. Have the students repeat a whole sentence after you. Then give the English, and have them give the Luganda.

   For example: T: Saalidde kyankya.
   S: Saalidde kyankya.

   T: I didn't eat breakfast.
   S: Saalidde kyankya.

   b. Give sentences at random in either English or Luganda. Have the students translate into the other language. Do this only long enough so that you are sure the students know the meanings of the Luganda sentences. It should not be necessary to spend more than 3 minutes on this.

When the students know the meanings, go on to manipulation of the grammatical structures of the sentences:

3. Give the students a key word. The students reply with the corresponding complete sentence.

For example:
T: Saalidde kyankya.
S: Saalidde kyankya.

T: okuteekateeka
S: Saateeseteese kyakuyiga.

T: okufuna
S: Saafunye bbaluuwa.

When the students are able to perform well all of the activities outlined above, they are ready for the C phase. Experience has shown that instructors working with classes of 5-10 students can complete the average M phase in 10-20 minutes.

Ways of conducting the C phase of each cycle.

The C phase consists of one or more short conversations. For each conversation:

a. Take the part of the first speaker in the conversation, and have students take turns as the second speaker.

b. Let students take both parts in the conversation.

It is important in the C phase to talk about people, places, and things what are of interest to the students. Substitute other words for the ones that are in (   ).

For example, C-1 in Lesson 44 is:

A: Leero wa(lidde ekyenkya)?
B: Yee, na(lidde ekyenkya).

This stands of course for the conversation:

A: Leero walidde ekyenkya?
B: Yee, nalidde ekyenkya.

but it also stands for the conversations:

A: Leero wafunye ebbaluuwa?
B: Yee, nafunye ebbaluuwa.

A: Leero wagolokose mu matulutulu?
B: Yee, nagolokose mu matulutulu.

It does not, however, stand for:

A: Leero walidde ki?
B: Nalidde...

or for:

A: Jjo walya ekyenkya?
B: Yee...

In many cycles, the teacher or the students may feel it worthwhile to introduce extra vocabulary. They are encouraged to do so, being sure that:

a. the new words are of special relevance to the interests of the students, and

b. the new words fit into the C phase at one of the points enclosed in ( ).

As soon as the students are able to converse easily, correctly, and informatively using the material in the C phase, the cycle has ended. Go on to the next cycle, or review an earlier cycle. Experience has shown that the average amount of time spent on each of the first 50 cycles is about one hour. This includes the first presentation of the cycle, and one or two reviews of it on later days. The first time through a new cycle therefore takes no more than 20-30 minutes. Cycles with many extra drills will of course take longer.

As much as possible, have the students act as well as talk: pointing to a map, standing up to talk, and other simple activities add meaning to the words. Activities also help to keep the students from getting tired and restless.

Because of the extreme shortness of the 'cycles', the principal component of this course has been given the name 'microwave.'

The 'microwave' part of the course is supplemented at regular intervals by a second component. The second component is based on a series of short connected texts, which have two important properties: (1) the information which they contain, like most of the information in the cycles themselves, is factually accurate, and (2) they are based on a set of spontaneous monologs and dialogs recorded with no special restrictions on grammar or vocabulary.

The materials in the textual component of this course differ among themselves, so that separate instructions are given for each group. In general, however, they require the student to take responsibility for responding to each text in more than one way, so that he focuses his attention on it from two or more points of view.

The textual component is suited for presentation either in a language laboratory or in a conventional classroom. Either way, it provides the student with a change of pace.

LESSON 44

M-1

Leero / saalidde + kyankya·.	Today I didn't eat breakfast.
Leero / saateeseteese· + kyakuyiga.	Today I didn't prepare the lesson.
Leero / saafunye· + bbaluuwa.	Today I didn't get a letter.
Leero / saawandiise· + bbaluuwa.	Today I didn't write a letter.
Leero / saagolokose· + mu matulutulu.	Today I didn't get up at dawn.

M-2

Leero / walidde + ekyenkya·?	Did you eat breakfast today?
Leero / wateeseteese· + ekyokuyiga?	Did you prepare the lesson today?
Leero / wafunye· + ebbaluuwa?	Did you get a letter today?
Leero / wawandiise· + ebbaluuwa?	Did you write a letter today?
Leero / wagolokose· mu matulutulu?	Did you get up at dawn today?

DRILL: Near past affirmative vs. negative.

Nafunye· + ebbaluuwa.	Saafunye· + bbaluuwa.
Yafunye· + ebbaluuwa.	Teyafunye· + bbaluuwa.
Twafunye· + ebbaluuwa.	Tetwafunye· + bbaluuwa.
Baafunye· + ebbaluuwa.	Tebaafunye· + bbaluuwa.
Wafunye· + ebbaluuwa?	Tewafunye· + bbaluuwa?
Mwafunye· + ebbaluuwa?	Temwafunye· + bbaluuwa?

C-1

A: Leero / wa(lidde + ekyenkya)?

B: Yee, na(lidde + ekyenkya).
Nedda, saa(lidde + kyankya).

C-2

A: Leero / wa(golokose) (mu matulutulu)?

B: Nedda, saagolokose mu matulutulu.

A: Wa(golokose) essaawa mmeka?

B: Nagolokose essaawa (bbiri).

C-3

A (to B): -C- ya(golokose) essaawa mmeka?

B : Simanyi.

A (to B): Mubuuze. ('Ask him.')

B (to C): Wa(golokose) essaawa mmeka?

C : Leero na(golokose) essaawa (emu).

B (to A): Leero,-C- ya(golokose) essaawa (emu).

C-4

A (to B,C): Leero mwa(lidde ekyenkya) essaawa (bbiri)?

B,C (to A): Leero telwa(lidde kyankya) ssaawa (bbiri).

A (to B,C): Temwa(lidde) ssaawa (bbiri)?

B,C (to A): Nedda, leero twa(lidde ekyenkya) essaawa (ssatu n'ekitundu)?

(Tetwa-)	Tetwalidde kyankya.
(Temwa-)	Temwalidde kyankya.

C-5

A (to B,C): -D- ne -E- baa(genze mu ddwaliro) essaawa (nnya)?

B,C (to A): Nedda -D- ne -E- tebaa(genze mu ddwaliro) ssaawa (nnya).

A (to B,C): -D- ne -E- baa(genze mu ddwaliro) essaawa mmeka?

B,C (to A): Tetumanyi.

A (to B,C): Mubabuuze.

B,C (to D,E): Leero mwa(genze mu ddwaliro) essaawa mmeka?

D,E (to B,C): Leero twa(genze mu ddwaliro) essaawa (ttaano n'ekitundu).

D,C (to A): -D- ne -E- baa(genze mu ddwaliro) essaawa (ttaano n'ekitundu).

(Tebaa-) Tebaagenze mu ddwaliro.

C-6

A (to B): Wa(lidde ekyenkya) essaawa mmeka?

B (to A): Na(lidde ekyenkya) essaawa (emu).

A (to C): -B- ya(lidde) ekyenkya) essaawa (emu).

C : Ooo! Nga kirungi!

(Na-) Nagenze mu kibuga.
(Wa-) Wagenze mu kibuga.
(Ya-) Yagenze mu kibuga.

C-7

A (to B,C): Leero mwa(golokose) mangu?

B,C (to A): Yee, leero twa(golokose) mangu.

A (to D): -B- ne -C- leero baa(golokose) mangu.

D : Ooo! Nga+kirungi!

C-8

A (to B,C): Eggulo mwakoze··ki?

B,C (to A): Eggulo twa(yize· Oluganda).

A (to D): ____ ne ____ eggulo baa(yize· Oluganda).

D : Ooo! Nga+kirungi!

(Twa-)	Twayize· Oluganda.
(Mwa-)	Mwayize· Oluganda.
(Baa-)	Baayize· Oluganda.

Summary:

This lesson gives considerable practice with near past forms, affirmative and negative. No amount of practice will cause these forms to stick with the student, however, unless he also uses the forms on his own initiative, in real life.

To the student:

The tones of the negative near past tense forms are all based on pattern FM (Synopsis par. 29).

Glossary:

.teekateeka	(.teeseteese·)	prepare
.funa	(.funye·)	get
e.ky.o.ku.yiga	(KI-BI)	lesson
.buuza·	(.buuzizza)	ask a question, greet

LESSON 45

Treat this dialog as you have treated earlier dialogs: familiarization with its sound, then pronunciation buildups, then translation and role playing. The goal is to have the dialog practically memorized, and then to modify and adapt it for your own purposes. Note that tone is now indicated only by underlining the marked moras and writing the junctures in the full sentences only.

A:	Erinnya‿lyo / ggw' #ani + ssebo?	What's your name, sir?
	nze John	I am John
B:	Erinnya lyange / nze # John.	My name is John.
	ludda wa?	where
	ova ludda wa?	you come from where?
A:	Ggwe#John? Ova· ludda+wa?	You're John? Where do you come from?
	ndi Mwamereka	I am an American
	nze ndi Mwamereka	I am an American
B:	Nva· mu A-mereka. Nze / ndi Mwa-mereka.	I come from America. I am an American.
	mu Amereka	in America
	ssaza	country
	ssaza ki?	what country?
	mu ssaza ki mu Amereka?	in what state in America?
*A:	Ova· mu ssaza+ki + mu A-mereka?	What state do you come from in America?
	ssaza lya Virginia	the state of Virginia
*B:	Nva· mu ssaza lya Virginia.	I come from the state of Virginia.
	mu Uganda	in Uganda
	kitundu ki mu Uganda?	what part in Uganda?
	oli mu kitundu ki mu Uganda?	you're in what part in Uganda?
	kati	now

A: Kati / oli mu kitundu+ki + mu Uganda?	In what part of Uganda are you now?
Hoima	Hoima
mu kibuga ky'e Hoima	in the city of Hoima
mbeera	to teach
era mbeera mu kibuga ky'e Hoima	
okusomesa	
najja mu Uganda	
B: Ee. Najja mu Uganda + okusomesa, era / mbeera mu kibuga ky'e Hoima.	Ee. I came to Uganda to teach; I live in the city of Hoima.
mu Hoima?	in Hoima?
oyagala-yo	do you like there
A: Ooo! Oyagala-yo + mu Hoima?	Ooo. Do you like it there at all at Hoima?
mu Amereka	in America
okuddayo	to go back
njagala nnyo okuddayo + mu Amereka	I very much want to return to America
naye	but
bwe ntyo bwe ntyo	like that like that
B: Mmm. Bwe ntyo bwe ntyo, naye, njagala nnyo + okudda+yo + mu A-mereka.	Mmm. Not bad, but I very much want to go back to America.

NB [Najja... okusomesa] and [najja... kusomesa] are both correct, but differ in emphasis.

DRILL: Adding the interrogative [ki?] to nouns.

essaza	ssaza+ki?
ekitongole	kitongole+ki?
eddwaliro	ddwaliro+ki?
omulimu	mulimu+ki?

eggwanga	ggwanga+ki?̸
ensi·	nsî·+ki?̸
omuwala	muwala·+ki?̸
omukyala	mukyala+ki?̸
omulenzi	mulenzi+ki?̸
enjawulo	njawulo+ki?̸
edduuka·	dduuka·+ki?̸

DRILL: Present tense vs. infinitive.

Ŋŋenda + mu Uganda.	Njagala + okugenda + mu Uganda.
Ogenda + mu Uganda?	Oyagala + okugenda + mu Uganda?
Agenda + mu Uganda.	Ayagala + okugenda + mu Uganda.
Tugenda + mu Uganda.	Twagala + okugenda + mu Uganda.
Mugenda + mu Uganda?	Mwagala + okugenda + mu Uganda?
Bagenda + mu Uganda.	Baagala + okugenda + mu Uganda.

DRILL: Present or perfective vs. infinitive.

Oyimiridde?	Nedda, naye / njagala nnyo / okuyimirira.
Otudde + ku ntebe?	Nedda naye njagala nnyo okutuula.
Owandiika + ebbaluuwa?	Nedda naye njagala nnyo okuwandiika.
Ofunye· + ebbaluuwa?	Nedda naye njagala nnyo okufuna.
Ogenda + ku lubaawo·?	Nedda naye njagala nnyo okugenda.
Ova· + mu kibiina·?	Nedda naye njagala nnyo okuva·+mu.
Ogenda + eka·?	Nedda naye njagala nnyo okugenda.

To the student:

The interrogative element [ki̱?̸] is an 'enclitic'. That means that it is pronounced as a part of the word that precedes it. It may follow nouns or verbs. When it follows a noun, as in this lesson, the noun loses its initial vowel. Between the noun and the enclitic there is a [+] juncture (*Synopsis*, par. 36), but no word boundary (*Synopsis*, par. 5, 11-17). The interrogative particles are followed by [?̸] phrase terminal intonation (*Synopsis*, par. 48(4), which means that its tone is high level, and not high falling.

Glossary:

e.s.saza	(LI-MA)	county
.ḏda+yo̱	(.dde˙-yo̱)	go back
.agala	(.agadde)	want, like, love
bwe̱ ( )tyo	bwe̱ ( )tyo	so-so

LESSON 46

1. Short sentences for learning:

a.	Mbarara / kibuga + kikulu.	Mbarara is a capital city.
b.	Kiri mu Ankole.	It is in Ankole.
c.	Ankole / eri mu bukiika' + obw'ebugwanjuba bwa Uganda.	Ankole is in the western part of Uganda.
d.	Abasinga + obungi / Banyankole.	The majority are Banyankole.
e.	Abantu / bangi / balunzi.	Many people are herdsmen.
f.	Balunda + ente.	They herd cattle.
g.	Abamu' / balimi.	Some are farmers.
h.	Abalala / bakola mu makolero.	Others work in industries.

2. Questions over the first recorded version:

a. Mbarara kiri mu Buganda?
b. Kiri mu nsi ki?
c. Ankole eri mu bugwanjuba obwa Uganda?
d. Eri mu bukiika ki obwa Uganda?
e. Abantu abasinga obungi ba ggwanga ki?
f. Abasinga obungi bakola mu ofiisi?
g. Abasinga obungi bakola ki?
h. Abantu abamu balimi?
i. Abalunzi bakola ki?

3. Dictation:

M̀bàràrà / kyè kìbú̲gà + èkìkú̲lù + mù Á̲nkó̲lè. Á̲nkó̲lè / èrí mú Úgáń̲dà, mù bùkí̲íká̲ + òbw'é̲-búgwáń̲júbá bwá Úgáń̲dà. Àbáńtú b'ó̲-mu Á̲ńkó̲lè / Bàǹná̲ńkó̲lè, èrá̲ / ne̲̍ mú kíbú̲gà / àbáńtú + ábá̲síńgá̲-mú̲ / B̄àǹnáńkólè̀. Àbàǹtù / bá̲kò̲là̲ + èmìrìmù / míń̲gì, nàyé̲ / àbá̲síńgá̲ + òbúń̲gì / bàlúńzí # ngà bá̲lùǹdá + énté, èrá̲ / n'á̲-bàlala / bàlímí. Àbáńtú b'ó-mú kíbú̲gà / bá̲kò̲là̲ + mù ó̲f̲ì̲ì̲s̲ì̲ / né̲ mú bítóń̲g̲ó̲l̲é̲ by'ó̲-mú ó̲f̲ì̲ì̲s̲í̲.

4. Writing tones. Write down each of the words and phrases from the tape. Mark tones by listening to the tape, and then check your answer by looking at the right hand column below.

emirimu	èmírímú
emirimu / min̲g̲i	èmìrìmù míńgì
abantu	àbáńtú
abantu / ban̲g̲i	àbàǹtù báńgì
abalala	àbálálá
abalala / balimi	àbàlàlà bàlímí
Mbarara	M̀bárárá
Mbarara / kibuga	M̀bàràrà kìbúgà
A̲nko̲le	Ánkólè
A̲nko̲le / eri mu Uganda	Ánkólè èrí mú Úgáńdà.
n'a̲-balala	n'ábàlálá
era̲ / n'a̲-balala	èrá n'ábàlálá

5. Predicting tones. Look at the words and phrases in the left hand column above. Try to predict the tones, either from memory or by applying tone rules. Then check yourself by looking at the right hand column.

To the student:

The tonal difference between an unmarked noun before [+] and the same noun before [/] is apcounted for in the Synopsis, par. 38-9, and especially under the efinition of the Unmarked Sequence Rule (USR), par. 45.

Glossary:

o.mu.lunzi	(MU-BA)	herdsman
.lunda	(.lunze˙)	herd, tend
e.n.te˙	(N)	cattle

LESSON 47

M-1

Saalidde + magi˙ + ku kyankya˙.	I didn't eat eggs for breakfast.
Saalidde + nnyama ya mbizzi + ku kyankya˙.	I didn't eat bacon ('pork') for breakfast.
Saalidde + mugaati + ku kyankya˙.	I didn't eat bread for breakfast.
Saalidde + bibala + ku kyankya˙.	I didn't eat fruit for breakfast.
Saanywedde + kaawa + ku kyankya˙.	I didn't drink coffee for breakfast.
Saanywedde + caayi + ku kyankya˙.	I didn't drink tea for breakfast.
Saanywedde + mata + ku kyankya˙.	I didn't drink milk for breakfast.
Saanywedde + mazzi + ku kyankya˙.	I didn't drink water for breakfast.
Saanywedde + mwenge + ku kyankya˙.	I didn't drink beer for breakfast.

M-2

Walidde + amagi˙ + ku kyenkya˙?	Did you eat eggs for breakfast?
Walidde + ebibala + ku kyenkya˙?	Did you eat fruit for breakfast?
Wanywedde + kaawa + ku kyenkya˙?	Did you drink coffee for breakfast?
Wanywedde + omwenge + ku kyenkya˙?	Did you drink beer for breakfast?

DRILL: On affirmative vs. negative forms of the near past tense.

nze	Nanywedde + omwenge, naye / saanywedde + kaawa.
ggwe	Wanywedde + omwenge, naye / tewanywedde + kaawa.
ye	Yanywedde + omwenge, naye / teyanywedde + kaawa.
ffe	Twalidde + ebibala, naye / tetwalidde + magi'.
mmwe	Mwalidde + ebibala, naye / temwalidde + magi'.
bo	Baalidde + ebibala, naye / tebaalidde + magi'.

Saa-	Tetwa-
Tewa-	Temwa-
Teya-	Tebaa-

C-1

A: Walidde-ki + ku kyenkya?

B: Nalidde + (amagi' / n'ebibala) ku kyenkya'.

A: Wanywedde-ki + ku kyenkya'?

B: Nanywedde + (omwenge).

C-2

A: Walidde + (ennyama y'embizzi) + ku kyenkya'?

B: Yee, nalidde + (ennyama y'embizzi) + ku kyenkya',
naye / saalidde (mugaati).

A: Wanywedde + (omwenge) ku kyenkya'?

B: Yee, nanywedde + (omwenge) + ku kyenkya',
naye / saanywedde (kaawa).

To the student:

The negative forms of the near past tense follow stem tone pattern MM (Synopsis, par. 30).

Glossary:

e.g.gi˙	(LI-MA)	egg
e.n.nyama	(N)	meat
o.mu.gaati	(MU-MI)	bread
e.ki.bala	(KI-BI)	fruit
kaawa	(MU)	coffee
caayi	(MU)	tea
a.ma.ta	(MA)	milk
a.ma.zzi	(MA)	water
o.mw.enge	(MU-MI)	beer
.nywa˙	(.nywedde)	drink

Sample of free conversation:

A:	Ocheng, wanywedde kaawa akawungezi?	Ocheng, did you drink coffee last evening?
B:	Nedda, nanywedde mwenge.	No, I drank beer.
A:	Kaakati onywa ki?	What are you drinking now?
B:	Nnywa mata. Oyagala okunywa amata?	I am drinking milk. Do you want to drink milk?
A:	Nedda, jjo nanywa nnyo amata. Kaakati njagala kulya mmere.	No, I drank a lot of milk yesterday. I want to eat food now.
B:	Ooo.	Ho ho.
A:	Ee.	Ha ha.

LESSON 48

M-1

Nava· + ewaffe + mu mwezi + ogwayita.	I left home ('our place') last month.
Natuuka # wano + mu wiiki + eyayita.	I arrived here last week.
Natandika + okuyiga + Oluganda + mu wiiki / bbiri + eziyise·.	I began to study Luganda two weeks ago.
Nagula dda + essaati # eno.	I bought this shirt a long time ago.
Nayoza jjo + essaati # eno.	I washed this shirt yesterday.
Nasalibwa luli + enviiri.	I had my hair cut the day before yesterday.

M-2

Wava· ddi + ewammwe?	When did you leave home ('your (pl.) place')?
Watuuka ddi # wano?	When did you arrive here?
Watandika ddi + okuyiga + Oluganda?	When did you begin to study Luganda?
Wagula ddi + essaati # eyo?	When did you buy that shirt?
Wayoza ddi + essaati # eyo?	When did you wash that shirt?
Wasalibwa ddi + enviiri?	When did you have your hair cut?

DRILL: 'ago'.

	ewiiki/bbiri+eziyise'	two weeks ago
emyezi	emyezi ebiri egiyise	two months ago
esatu	emyezi esatu egiyise	three months ago
ewiiki	ewiiki ssatu eziyise	three weeks ago
emyaka	emyaka esatu egiyise	three years ago
ena	emyaka ena egiyise	four years ago
emyezi	emyezi ena egiyise	four months ago
ewiiki	ewiiki nnya eziyise	four weeks ago
ennaku	ennaku nnya eziyise	four days ago
ttaano	ennaku ttaano eziyise	five days ago
ewiiki	ewiiki ttaano eziyise	five weeks ago
eyise	ewiiki eyise	last week
omwezi	omwezi oguyise	last month
omwaka	omwaka oguyise	last year

DRILL: Perfective vs. far past.

	'I washed this shirt today.'	'I washed that shirt yesterday.'
okwoza	Njozezza essaati eno leero.	Nayoza essaati eri jjo.
okugula	Nguze' essaati eno leero.	Nagula essaati eri jjo.
okwambala	Nnyambadde essaati eno leero.	Nayambala essaati eri jjo.

DRILL: 'home' ('our place' etc.).

ffe	Twagenda + ewaffe.	We went to our place.
mmwe	Mwagenda + ewammwe?	Did you (pl.) go to your place?
bo	Baagenda + ewaabwe.	They went to their place.
nze	Nagenda + ewaffe.	I went to my place.
ggwe	Wagenda + ewammwe?	Did you (sg.) go to your place?
ye	Yagenda + ewaabwe.	He went to his place.

C-1

A: -C- yava ddi ewaabwe?
B: -C- yava ewaabwe (mu mwezi ogwayita).
A: -C- yatuuka ddi wano?
B: -C- yatuuka wano (mu wiiki eyayita).
A: -C- yatandika ddi okuyiga Oluganda?
B: -C- yatandika okuyiga Oluganda (mu wiiki bbiri eziyise).

C-2

A: -C- yagula ddi (esaati eyo)?
B: -C- yagula dda (essaati eyo).
A: -C- yayoza ddi (essaati eyo)?
B: -C- yayoze jjo (essaati eyo).
A: -C- yasalibwa ddi enviiri?
B: -C- yasalibwa luli enviiri.

C-3

A (to B,C): Mwava ddi ewammwe?
B,C (to A): Twava ewaffe (mu mwezi ogwayita).
A (to B,C): Mwatuuka ddi wano?
B,C (to A): Twatuuka wano (mu wiiki eyayita).
A (to B,C): Mwatandika ddi okuyiga Oluganda?
B,C (to A): Twatandika okuyiga Oluganda (mu wiiki bbiri eziyise).

C-4

A (to B,C): E- ne F- baava ddi ewaabwe?
B,C (to A): __ ne __ baava ewaabwe (mu mwezi ogwayita).
A (to B,C): __ ne __ baatuuka ddi wano?
B,C (to A): __ ne __ baatuuka wano (mu wiiki eyayita).
A (to B,C): __ ne __ baatandika ddi okuyiga Oluganda?
B,C (to A): __ ne __ baatandika okuyiga Oluganda (mu wiiki bbiri eziyise).

To the student:

For information about the (far) past tense, see Ashton, p. 122; Chesswas, par. 63. Tonally, all forms without object prefix--affirmative and negative, indicative and relative--have the stem pattern MM (*Synopsis*, par. 30); all forms with object prefix have the stem pattern FM (*Synopsis*, par. 29). The mora that follows the subject prefix must have a mark. This mora may be the tense sign [a] itself, or it may be the first mora of the stem. In this tense, all object prefixes are marked.

Glossary:

o.mw.ezi	(MU-MI)	month
.yita	(.yise')	pass call
.tuuka	(.tuuse')	arrive
wa.no		here
.tandika	(.tandise')	begin
.gula	(.guze')	buy
dda		long ago
.oza'	(.ozezza)	wash
jjo		yesterday, tomorrow
.salibwa	(.saliddwa)	be cut
lu.li		the other day, day before yesterday, day after tomorrow
e.n.viiri	(N)	hair of head

LESSON 49

Treat this dialog as you have treated earlier dialogs:

- Familiarization with sound.
- Pronunciation buildups.
- Translation.
- Role playing, including your own improvisations.

B:	Osiibye otyanno nnyabo?	How have you spent the afternoon, madame? [Good afternoon.]
A:	Bulungi ssebo.	Well, sir.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Osiibye otyanno?	How have you spent the afternoon? [Good afternoon.]
B:	Bulungi.	Well.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Ova wa?	Where do you come from?
	Buddu	Buddu
A:	Nva mu Buddu.	I come from Buddu.
B:	Ova mu Buddu?	You come from Buddu?
A:	Mmm.	Mmm.
	ggw'ani nnyabo	you're who, madame
B:	Erinnya lyo ggw'ani nnyabo?	What's your name, madame?
	Nnamukasa	Nnamukasa
	nze Nnamukasa	I am Nnamukasa
A:	Erinnya lyange nze Nnamukasa.	My name is Nnamukasa.
B:	Nnamukasa?	Nnamukasa?
A:	Mmm.	Mmm.
	Buddu	Buddu

	baakuzaalira	they gave birth to you at
B:	Baakuzaalira Buddu?	Were you born there at Buddu?
	eyo	there
	Buddu # eyo	there at Buddu
	banzaalira	they gave birth to me at
A:	Banzaalira Buddu # eyo.	I was born there at Buddu.
	wa?	where?
	ogenda	you're going
B:	Kaakati ogenda wa?	Where are you going now?
	eyo	there
	Busoga eyo	there at Busoga
	Jjinja	Jjinja
	ŋŋenda Jjinja	I'm going to Jjinja
A:	Kaakati / ŋŋenda Jjinja + Busoga # eyo,	I am going to Jinja in Busoga,
	bange	mine
	baganda bange	my sisters
	ku baganda bange	on my sisters
	kulaba	to see
	kulaba + ku baganda bange.	to see my sisters.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Mmm.	Mmm.
	Jjinja	Jjinja
	babeera Jjinja	they live at Jjinja
	bo	they
	baganda bo	your sisters
B:	Baganda‿bo / babeera Jjinja?	Do your sisters live at Jinja?
	baafumbirwa	they were married
	gye	there
	gye baafumbirwa	they were married there
	abawala	girls

	babiri abawala	two who are girls
	baganda bange	my sisters
	eriyo	there is
A:	Yee, eriyo + baganda bange / babiri + abawala + gye baafumbirwa.	Yes, there are two teenage sisters there, that's where they were married.
B:	Ooo!	Ooo.
A:	Mmm.	Mmm.
	mufumbo	married
	oli mufumbo?	you're married?
	naawe	you, too
B:	Naawe / oli mufumbo?	Are you also married?
	kufumbirwa	to be married
	sinnaba	I have not yet
	sinnaba + kufumbirwa.	I have not married yet
A:	Nedda, sinnaba· + kufumbirwa.	No, I am not married yet.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Mmm.	Mmm.

Draw on elements in this dialog in order to practice asking about people's birthdates and marital status.

To the student:

In the expression [ku baganda bange], the particle [ku] has a 'partitive' meaning, something like English 'some of'. See Ashton, p. 420; Chesswas, par. 148.

The verb [baafumbirwa] 'who are married' is an example of a far past relative form, with stem tone pattern MM.

Although we will not practice it, a new tense is exemplified in [sinnaba·] 'I have not yet been'. The tense sign is [nna].

Glossary:

.zaalira	(.zaalidde)	give birth
mu.ganda	(MU-BA)	brother, sister
.fumbirwa	(.fumbiddwa)	be married
o.mu.fumbo	(MU-BA)	married person

LESSON 50

As with previous texts, listen first to all three recorded versions just to see how much you can pick up.

1. Short sentences for learning.

a.	Soroti / kiri mu Teso [Tteeso].	Soroti is in Teso.
b.	Kye kibuga + ekikulu.	It is the capital city.
c.	Teso / ye nsi· + eri + mu Uganda.	Teso is a district that is in Uganda.
d.	Eri mu bukiika· bw'ebuvanjuba.	It is in the eastern part.
e.	Abantu + abasinga + obungi / Bateso.	The majority of people are Bateso.
f.	Mulimu + abantu + ab'amawanga + amalala.	In there, there are people of other tribes.
g.	Bakola + emirimu + egy'enjawulo.	They do various jobs.
h.	Bakola + mu bitongole + ebitali + bimu·.	They work in different departments.
i.	Bakola + mu kitongole + eky'o-bulimi.	They work in the department of agriculture.
j.	Bakola + mu kitongole + eky'e-mirimu.	They work in the department of works.
k.	Abateso / mu nsi· # omwo / balimi.	The Bateso is that district there are farmers.
l.	Abalala / balunzi ba nte·.	Others are cattle herders.

2. Questions on Text 4. (Soroti)

   a. Soroti kye kibuga ekikulu mu nsi ki?
   b. Ekibuga ekikulu mu Teso kiyitibwa kitya?
   c. Teso eri mu bukiika ki obwa Uganda?
   d. Abantu abasinga obungi mu Soroti ba ggwanga ki?
   e. Abantu bonna mu Soroti Bateso?
   f. Abateso abasinga obungi bavubi?
   g. Abateso bakola mirimu ki?
   h. Abateso abasinga obungi balunzi ba nte?

3. Dictation:

   Soroti / kye kibuga + ekikulu + mu Tteeso. Tteeso / eri mu buvanjuba bwa Uganda. Abantu abali + mu kibuga # omwo / abasinga + obungi / Bateeso, naye / mulimu + abantu + ab'a-mawanga / mangi / ag'o-mu Uganda. Abantu b'omu kibuga # omwo / bakola + emirimu / mingi / egy'o-mu makolero, naye / abantu b'o-mu nsi # omwo / abasinga + obungi / balunzi ba nte era + n'o-kulima. Abantu b'o-mu kibuga / bakola + mu ofiisi / ne-mu bitongole + ebirala.

4. Grammatical development.

A. Concords

	'different departments' ('departments that are not one')	'other departments'
ebitongole	ebitongole + ebitali + bimu	ebitongole + ebirala
ebibuga	ebibuga + ebitali + bimu	ebibuga + ebirala
amawanga	amawanga + agatali + gamu	amawanga + amalala
abantu	abantu + abatali + bamu	abantu + abalala
ensi	ensi + ezitali + zimu	ensi + endala
ofiisi	ofiisi + ezitali + zimu	ofiisi + endala
emirimu	emirimu + egitali + gimu	emirimu + emirala
amakolero	amakolero + agatali + gamu	amakolero + amalala
obukiika	obukiika + obutali + bumu	obukiika + obulala

B. Tone changes on nouns.

abantu	àbáńtú + ábálálá	àbàǹtù / báńgì
abalimi	àbálímí + ábálálá	àbàlìmì / báńgì
abalunzi	àbálúńzí + ábálálá	àbàlùǹzì / báńgì
emirimu	èmírímú + émírálá	èmìrìmù / míńgì
amakolero	àmàkólèrò + àmálálá	àmàkólèrò / máńgì
amawanga	àmàwáńgà + àmálálá	àmàwáńgà / máńgì
ebitongole	èbìtóńgòlè + èbírálá	èbìtóńgòlè / bíńgì
ebibuga	èbìbúgà + èbírálá	èbìbúgà / bíńgì
ensi	ènsí + èndálá	ènsí / ǹnyíńgì
ofiisi	ófììsì + èndálá	ófììsì / ǹnyíńgì

5. Try to anticipate the whole word that belongs in each blank. Check yourself by listening to the tape.

Soroti _____ kibuga ______ mu ______. Teso _____
mu Uganda, mu _____ bw'ebuvanjuba. ______ ab'omu
______ bonna ______, era n'abantu ______ obungi
______ Soroti _______, naye mulimu _____ bangi ___
amalala. Abantu ______ Teso ______ emirimu ______
mu ______ ne mu ofiisi. Naye ______ bonna abasinga
______ balunzi, era n'______ balimi. Mu ______ebyo
mulimu ______ mingi ng'________ n'emirimu _______.

6. Tell in your own words as much as you can remember about Soroti.

Glossary:

o.mu.limi	(MU-BA)	farmer

LESSON 51

M-1

okufuna	Jjo / saafuna + bbaluuwa.	I didn't get a letter yesterday.
okuwandiika	Jjo / saawandiika + bbaluuwa.	I didn't write a letter yesterday.
ekibuga	Jjo / saagenda + mu kibuga.	I didn't go to town yesterday.
essineema	Jjo / saagenda + mu ssineema.	I didn't go to the cinema yesterday.
okulya'	Jjo / saalya' + kyakiro.	I didn't eat supper yesterday.

M-2

okufuna	Jjo / wafuna + ebbaluuwa?	Did you get a letter yesterday?
okuwandiika	Jjo / wawandiika + ebbaluuwa?	Did you write a letter yesterday?
ekibuga	Jjo / wagenda + mu kibuga?	Did you go to town yesterday?
essineema	Jjo / wagenda + mu ssineema?	Did you go to the movies yesterday?
okulya'	Jjo / walya' + ekyekiro'?	Did you eat supper yesterday?

DRILL: Far past affirmative vs. negative.

Nafuna ebbaluuwa ku Lwokuna.	Saafuna bbaluuwa ku Lwakutaano.
Nagula essaati ku Lwokuna.	Saagula ssaati ku Lwakutaano.
Nakeera okugolokoka ku Lwokuna.	Saakeera kugolokoka ku Lwakutaano.
Nagenda mu kibuga ku Lwokuna.	Saagenda mu kibuga ku Lwakutaano.
Nasalibwa enviiri ku Lwokuna.	Saasalibwa nviiri ku Lwakutaano.

DRILL: Far past with monosyllabic verbs.

amagi˙	Walya˙ + amagi˙ / ameka˙?	How many eggs did you eat?
omuceere	Walya bungi ki obw'omuceere?	How much rice did you eat?
amatooke	Walya amatooke ameka?	How many bananas did you eat?
ebibala	Walya ebibala bimeka?	How much fruit did you eat?
ennyama	Walya bungi ki obw'ennyama?	How much meat did you eat?
emigaati	Walya emigaati emeka?	How many loaves bread did you eat?
kaawa	Wanywa bungi ki obwa kaawa?	How much coffee did you drink?
caayi	Wanywa bungi ki obwa caayi?	How much tea did you drink?
omwenge	Wanywa bungi ki obw'omwenge?	How much beer did you drink?

NB It has been suggested that a better alternative for line 5 of this drill would have been [Walya ennyama y'enkana wa?].

DRILL: Various persons and numbers in far past negative.

___ yalya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, teyalya˙ + kyakiro˙.
Nze / nalya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, tewalya˙ + kyakiro˙.
Ggwe / walya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, saalya˙ + kyakiro˙.
Mmwe / mwalya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, tetwalya˙ + kyakiro˙.
Ffe / twalya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, temwalya˙ + kyakiro˙.
C- ne D- baalya˙ + ekyekiro˙?	Nedda, tebaalya˙ + kyakiro˙.

C-1

A : Jjo wa(wandiika ebbaluuwa)?
B : Nedda jjo saa(wandiika bbaluuwa).
A : Jjo wafuna ebbaluuwa?
B : Nedda jjo saafuna bbaluuwa.
A (to C): Jjo -B- yafuna ebbaluuwa?
B : Nedda jjo -B- teyafuna bbaluuwa.

DRILL: Concords with some new nouns.

'Our meat is plentiful ('much').'

ennyama	Ennyama yaffe / nnyingi.
emigaati	Emigaati gyaffe / mingi.
amagi	Amagi 'gaffe / mangi.
omwenge	Omwenge gwaffe / mungi.
amata'	Amata 'gaffe / mangi.
ebibala	Ebibala byaffe / bingi.
amazzi	Amazzi gaffe / mangi.
kaawa	Kaawa waffe / mungi.
caayi	Caayi waffe / mungi.
baganda	Baganda baffe / bangi.

To the student:

Tonally the far past negative is exactly like the far past affirmative (see Lesson 48).

Glossary:

o.bu.ngi	(BU-)	quantity

LESSON 52

M-1

ebbaasi	Najjira mu bbaasi.	I came by ('in') bus.
emmotoka˙	Najjira mu mmotoka˙.	I came by car.
akagaali	Najjira ku kagaali.	I came by bicycle.
ennyonyi	Najjira mu nnyonyi.	I came by plane.
omukka	Najjira mu ggaali ya˙mukka.	I came by train.
emmeeri	Sajjira + mu mmeeri.	I didn't come by ship.

M-2

otya	Wajja otya?	How did you come?

DRILL: Far past affirmative vs. negative, other than 1 sg.

Mwalya ekyenkya ku Lwassabbiiti?	Tetwalya kyankya ku Lwassabbiiti.
Mwalwawo okugolokoka ku Lwassabbiiti?	Tetwalwawo kugolokoka ku Lwassabbiiti.
Mwawandiika ebbaluwa ku Lwassabbiiti?	Tetwawandiika bbaluuwa ku Lwassabbiiti.
Mwakyalira baganda bammwe ku Lwassabbiiti?	Tetwakyalira baganda baffe ku Lwassabbiiti.
Mwakyalira mikwano gyammwe ku Lwassabbiiti?	Tetwakyalira mikwano gyaffe ku Lwassabbiiti.
Mwalaba mikwano gyammwe ku Lwassabbiiti?	Tetwalaba mikwano gyaffe ku Lwassabbiiti.

DRILL: Far past with [-tya] 'how?'

	'How did you come?'	'We came by car.'
mmwe	Mwajja mutya?	Twajjira mu mmotoka.
ggwe	Wajja otya?	Najjira mu mmotoka.
ye	Yajja atya?	Yajjira mu mmotoka.
bo	Bajja batya?	Bajjira mu mmotoka.

DRILL: Far past, negative vs. affirmative.

	'We didn't come by car.'	'We came by bicycle.'
ffe	Tetwajjira mu mmotoka.	Twajjira ku kagaali.
nze	Sajjira mu mmotoka.	Najjira ku kagaali.
ye	Teyajjira mu mmotoka.	Yajjira ku kagaali.
bo	Tebajjira mu mmotoka.	Bajjira ku kagaali.

DRILL: Far past, negative vs. affirmative, various verbs.

	'We didn't come by car.'	'We came by bicycle.'
okujja	Tetwajjira mu mmotoka.	Twajjira ku kagaali.
okutuuka	Tetwatuukira mu mmotoka.	Twatuukira ku kagaali.
okugenda	Tetwagendera mu mmotoka.	Twagendera ku kagaali.
okuvuga	Tetwavuga mmotoka.	Twavuga kagaali.
okugula	Tetwagula mmotoka.	Twagula kagaali.
okwagala	Tetwayagala mmotoka.	Twayagala kagaali.

DRILL: Far past vs. near past.

	'Yesterday we went by bus.'	'Today we went by car.'
ffe	Jjo twagendera mu bbaasi.	Leero twagendedde mu mmotoka.
nze	Jjo nagendera mu bbaasi.	Leero nagendedde mu mmotoka.
abayizi	Abayizi jjo baagendera mu bbaasi.	Abayizi leero baagendedde mu mmotoka.
omusomesa	Omusomesa jjo yagendera mu bbaasi.	Omusomesa leero yagendedde mu mmotoka.
ggwe?	Jjo wagendera mu bbaasi?	Leero wagendedde mu mmotoka?
mmwe?	Jjo mwagendera mu baasi?	Leero mwagendedde mu mmotoka?

Glossary:

a.ka.gaali	(KA-BU)	bicycle
e.m.motoka	(N)	car
e.n.nyonyi	(N)	airplane, bird
e.g.gaali	(N or LI-MA)	vehicle
o.mu.kka	(MU-MI)	smoke
e.m.meeri	(N)	steamboat
.vuga	(.vuze)	drive, pedal

LESSON 53

Pronunciation buildups.

A:	(knocks): Àb'énò. Àb'énò.	(knocks): Those who live here. [Hello there.] Those who live here. [Hello there.]
B:	Wangi.	Hello.
B:	Gye muli?	Are you there?
	mmwe baani?	you [are] who
	gye tuli	we're here
A:	Gye tuli, mmwe baani?	We're here, who are you?
	okubuuza	to greet
	okubabuuza	to greet you
	okubabuuza ko	to greet you a little
	abagala okubabuuzaa ko	those who want to greet you a little
B:	Eee, Ffe/abaagala + okubabuuza'+ko.	Ee. It is us who want to see you.
	okulabika	to be seen
	mulabise	you are seen
A:	Mulabise'-ko?	Is that you?
B:	Tulabise'-ko.	Yes, it is us.
	okusanyuka	to be glad
	okubalaba	to see you
	tusanyuse okubalaba	we're glad to see you
A:	Nga+tusanyuse + okubalaba!	We're so glad to see you!
B:	Naffe.	We, too.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Yingira + ssebo.	Come in, sir.
B:	Kale + nnyabo.	All right, madame.

	kaako	there it is
	akatebe	a little chair
A:	Akatebe + kaako.	There is a chair.
B:	Weebale + nnyo + nnyabo.	Thank you very much, madame.
A:	Kale.	All right. [You're welcome.]
B:	Mmm.	Mmm.
	eradde	it is peaceful
A:	Eradde + ssebo?	Is it peaceful where you come from, sir?
B:	Eradde.	It is peaceful.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Osiibye otyanno ssebo?	How have you spent the afternoon, sir? [Good afternoon, sir]
B:	Bulungi nnyabo.	Well, madame.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Osiibye otyanno?	How have you spent the afternoon? [Good afternoon.]
A:	Bulungi.	Well.
B:	Mmm.	Mmm.
	ab'eka'	people at home
	batya?	how
	bali batya?	they're how?
A:	Bali batya + ab'eka'?	How are the people at home?
B:	Gye bali.	They're there (well).
A:	Mmm.	Mmm.
	otya	how
	oli otya	you're how
B:	Oli otya + nno + nnyabo?	How are you here, madame?
A:	Gye tuli + bulungi.	We're all right here.
	omwami	master
B:	Omwami / gy'ali + nnyabo?	Is the master home, madame?

DRILL: 'Presentative' forms, series III.

	'There (near you) is a (little) chair.'
akatebe	Akatebe / kaako.
ensimbi	Ensimbi ziizo.
ekitabo	Ekitabo kiikyo.
essaawa	Essaawa yiiyo.
entebe (sg.)	Entebe yiiyo.
entebe (pl.)	Entebe ziizo.
oluggi	Oluggi luulwo.
ekkalaamu	Ekkalaamu yiiyo.
amazzi	Amazzi gaago.
omwenge	Omwenge guugwo.
ebibala	Ebibala biibyo.
amata	Amata gaago.
kaawa	Kaawa wuuyo.
caayi	Caayi wuuyo.

DRILL: Concord involving possessives and presentatives of Series I.

	'Where is my book?'	'Here it is.'
ekitabo	Ekitabo kyange kiri ludda wa?	Kiikino.
essaati	Essaati yange eri ludda wa?	Yiino.
ensimbi	Ensimbi zange ziri ludda wa?	Ziizino.
engatto	Engatto zange ziri ludda wa?	Ziizino.
ekkalaamu	Ekkalaamu yange eri ludda wa?	Yiino.
ebitabo	Ebitabo byange biri ludda wa?	Biibino.
akagaali	Akagaali kange kali ludda wa?	Kaakano.
omusomesa	Omusomesa wange ali ludda wa?	Wuuno.
ggwe	Ggwe oli ludda wa?	Nzuuno.
mmwe	Mmwe muli ludda wa?	Tuutuno.

To the student:

In the expression [gye tuli], the word [gye] is an object copula. Tonally, it requires the subject prefix of the verb that follows it to be unmarked (*Synopsis*, par. 43). Ashton calls it the 'emphasized object' construction (p. 242), or 'a way of helping to form the complement of place to verb LI' (p. 57,240).

This dialog contains the 'presentative' form [kaako] 'is there (near you)'. Other series of presentatives exist, with the approximate meanings 'is here' and 'is over there'. Each presentative has the same concordial class represented twice. See Ashton, p. 41ff under 'demonstratives used predicatively'; Chesswas uses the English phrase 'here it is' to refer to these forms. See par. 35 and corresponding parts of the chapters on other noun classes.

Glossary:

ab'eno		people of this place
gye muli?		are you there?
.labika	(.labise')	appear, be visible
.sanyuka	(.sanyuse')	be pleased
.yingira	(.yingidde)	enter
kaie		all right (expression of assent)
eradde		there it is peaceful
o.mw.ami	(MU-BA)	Mr., chief

LESSON 54

1. Short sentences for learning:

a.	Ebitongole / bingi + ebiri + mu Gavumenti.	There are many government departments. ('The departments are many which are in the government.')
b.	Ekyo / kisinziira ku bitongole # ebiri + mu Gavumenti.	That results from/is related to the departments (that are) in the government.
c.	Bakola + emirimu gya njawulo nga kisinziira + ku bitongole + ebiri + mu Gavumenti.	They do various jobs relating to the departments (that are) in the government.
d.	Mbale / kiri ku nsalo ya Uganda + ne Kenya.	Mbale is on the border of Uganda and Kenya.
e.	Batera + okukola + mu ofiisi.	They usually work in offices.
f.	Bakola + emirimu / mingi, na ddala ng'+okulunda.	They do many [jobs] and especially herding.
g.	Mulimu + abantu + abava' + mu Uganda / n'a-walala.	Therein are people who come from Uganda and elsewhere.

2. Questions and answers.

a. Ekibuga ekikulu mu Bugisu kiyitibwa kitya?

b. Mbale kiri mu kitundu ki mu Uganda?

c. Kiri mu bukiika ki obwa Uganda?

d. Abantu abasinga obungi mu Mbale Bateso?

e. Abantu b'omu kitundu ekyo bakola ki?

f. Ababeera mu kibuga bakola ki?

3. Dictation:

Mbale kye kibuga ekikulu mu Bugisu. Bugisu eri mu Uganda mu bukiika obw'ebuvanjuba. Ekibuga ekyo Mbale kiri ku nsalo ya Uganda ne Kenya. Abantu abasinga mu kibuga omwo Bagisu Abagisu bakola emirimu mingi na ddala ng' okulima n'okulunda. Naye abantu ababeera mu kibuga Mbale batera okukola mu ofiisi ez'ebitongole eby'enjawulo, nga ekitongole ky'obuzimbi n'ebirala.

4. DRILL: The auxiliary verb [-tera].

	'They work in offices.'	'They usually work in offices.'
okukola	Bakola mu ofiisi.	Batera okukola mu ofiisi.
okulima	Balima mu byalo.	Batera okulima mu byalo.
okulunda	Balunda ente.	Batera okulunda ente.
okuzimba	Bazimba amayumba.	Batera okuzimba amayumba.
okubeera	Babeera mu kibuga.	Batera okubeera mu kibuga.

5. DRILL: Indicative vs. relative.

	'They come from Uganda.'	'they who come from Uganda.'
abantu	Bava mu Uganda.	aba̲va˙_ + mu Uganda
omuntu	Ava mu Uganda.	ava˙_ + mu Uganda
eggwanga	Liva mu Uganda.	eri̲va˙_ + mu Uganda
amawanga	Gava mu Uganda.	aga̲va˙_ + mu Uganda
ekintu	Kiva mu Uganda.	eki̲va˙_ + mu Uganda
ebintu	Biva mu Uganda.	ebi̲va˙_ + mu Uganda

6. **DRILL:** Affirmative vs. negative.

Batera okukola mu ofiisi.	Tebatera kukola mu ofiisi.
Babeera kumpi n'ensalo.	Tebabeera kumpi na nsalo.
Bava mu Uganda.	Tebava mu Uganda.
Bakola mu kibuga.	Tebakola mu kibuga.
Kiri ku nsalo.	Tekiri ku nsalo.
Balunda nte.	Tebalunda nte.
Balima ppamba.	Tebalima ppamba.

7. Try to anticipate the whole word that belongs in each blank. Check yourself by listening to the third tape recorded version.

Mbale ______ ______ ______ ______ Bugisu. ______
eri mu ______ bw'ebuvanjuba ______ Uganda. Ekibuga
______ kiri ku ______ ya ______ ne Kenya. Abantu
______ ______ mu kibuga Mbale Bagisu, naye ______
abantu ______ ab'amawanga ______ agava ______ Uganda
n'______. Abantu ______ kibuga ______ bakola ______
mingi mu ______ bya ______.

8. Tell in your own words as much as you can remember about Mbale.

Glossary:

.sinziira	(.sinzidde)	start out from, with regard to
e.n.salo	(N)	border
ddala		exactly, truly

LESSON 55

M-1

Ogiteeka + ku mmeeza.	You put it on the table.
Ogiteeka + mu nsawo.	You put it in the bag.
Ogiteeka + mu ssanduuko.	You put it in the box.
Ogiteeka + kumpi / n'e-kitabo.	You put it by the book.
Togiteeka + wansi'.	You don't put it on the floor.

M-2

Ekkalaamu yange / ngiteeke-wa?	Where do I put my pencil?

DRILL: Concord including object infix and presentative of Series I.

'Have you seen my teacher [anywhere]?'Here he is.'

omusomesa	Omusomesa wange omulabye'ko?	Wuuno.
(MU-BA)	Abasomesa bange obalabye'ko?	Baabano.
omugaati	Omugaati gwange ogulabye'ko?	Guuguno.
(MU-MI)	Emigaati gyange ogirabye'ko?	Giigino.
ekitabo	Ekitabo kyange okirabye'ko?	Kiikino.
(KI-BI)	Ebitabo byange obirabye'ko?	Biibino.
essaawa	Essaawa yange ogirabye'ko?	Yiino.
engatto (pl)(N-)	Engatto zange ozirabye'ko?	Ziizino.
eggi	Eggi'lyange olirabye'ko?	Liirino.
(LI-MA)	Amagi'gange ogalabye'ko?	Gaagano.
olugoye	Olugoye lwange olulabye'ko?	Luuluno.
(LU-N)	Engoye zange ozirabye'ko?	Ziizino.
akagaali	Akagaali kange okalabye'ko?	Kaakano.
(KA-BU)	Obugaali bwange obulabye'ko?	Buubuno.

DRILL: Concord involving presentatives of Series II and object infixes.

	'There's a bicycle.'	'Where?	I don't see it!
akagaali	Akagaali kaakali.	Wa?	Sikalaba!
ekkalaamu	Ekkalaamu yiiri.	Wa?	Sigiraba!
omusomesa	Omusomesa wuuli.	Wa?	Simulaba!
abasomesa	Abasomesa baabali.	Wa?	Sibalaba!
ekitabo	Ekitabo kiikiri.	Wa?	Sikiraba!
ebitabo	Ebitabo biibiri.	Wa?	Sibiraba!
obugaali	Obugaali buubuli.	Wa?	Sibulaba!
ebibala	Ebibala biibiri.	Wa?	Sibiraba!
ennyonyi	Ennyonyi yiiri.	Wa?	Sigiraba!
amazzi	Amazzi gaagali.	Wa?	Sigalaba!
amasaŋŋanzira	Amasaŋŋanzira gaagali.	Wa?	Sigalaba!
essomero	Essomero liiriri.	Wa?	Siriraba!
edduuka	Edduuka yiiri.	Wa?	Sigiraba!

DRILL: Object infixes with far past.

	'Where did you buy that bicycle?'	'I bought it in Kampala.'
akagaali	Akagaali ako wakagula-wa?	Nakagula mu Kampala.
ekitabo	Ekitabo ekyo wakigula wa?	Nakigula mu Kampala.
ebitabo	Ebitabo ebyo wabigula wa?	Nabigula mu Kampala.
eggaali	Eggaali eyo wagigula wa?	Nagigula mu Kampala.
essaawa	Essaawa eyo wagigula wa?	Nagigula mu Kampala.
eggi	Eggi eryo waligula wa?	Naligula mu Kampala.
amagi	Amagi ago wagagula wa?	Nagagula mu Kampala.
ebibala	Ebibala ebyo wabigula wa?	Nabigula mu Kampala.
engatto	Engatto ezo wazigula wa?	Nazigula mu Kampala.
essaati	Essaati eyo wagigula wa?	Nagigula mu Kampala.

DRILL: Object infixes with with affirmative and negative present tense.

	'Do you want/like this bicycle?'	'Yes, I like/want it.' 'No, I don't like/want it.'
akagaali	Akagaali # kano / okaagala?	Yee, nkaagala. Nedda, sikaagala.
ekkalaamu	Ekkalaamu eno ogyagala?	Yee, ngyagala. Nedda, sigyagala.
essaawa	Essaawa eno ogyagala?	Yee, ngyagala. Nedda, sigyagala.
omugaati	Omugaati guno ogwagala?	Yee, ngwagala, Nedda, sigwagala.
kaawa	Kaawa ono omwagala?	Yee, mmwagala. Nedda, simwagala.
ekitabo	Ekitabo kino okyagala?	Yee, nkyagala. Nedda, sikyagala.

To the student:

What are called 'object infixes' by some writers are called 'object prefixes' by others. For details, see Ashton, p. 25, 225; Chesswas, par. 18-21 and corresponding parts of chapters on other concordial classes. As pointed out in the Synopsis, object infixes are marked only in the infinitive and in the near past and far past tenses. Elsewhere, they are unmarked.

Glossary:

.teeka	(.teese˙)	put
e.s.sanduuko	(N)	box
wa.n.si˙		down, on the ground

LESSON 56

M-1

okuyimirira	Yimirira.	Stand up!
okugenda	Genda + ku lubaawo˙.	Go to the board.
okusangula	Sangula + olubaawo˙.	Erase the board.
okuwandiika	Wandiika + erinnya‿lyo.	Write your name.
okuggala	Ggala + oluggi.	Close the door.
okudda+yo	Ddayo + mu kifó'kyò.	Return to your place.
okutuula	Tuula + wansi˙.	Sit down.

M-2

okukola	Nkole-ki?	What shall I do?

C-1

A: Nkole ki?	What shall I do?
B: (Yimirira).	(Stand up.)

DRILL: Imperative vs. perfective.

'Stand up!'	'Have you stood up?' 'Yes, I've stood up.'
Yimirira!	Oyimiridde? Yee, nnyimiridde.
Genda ku lubaawo.	Ogenze ku lubaawo? Yee, ŋŋenze ku lubaawo.
Sangula olubaawo!	Olusangudde? Yee, ndusangudde.
Wandiika erinnya lyo!	Oliwandiise? Yee, ndiwandiise.
Ggala oluggi!	Oluggadde? Yee, nduggadde.

Ddayo mu kifo kyo!	Ozzeeyo mu kifo kyo? Yee, nzizeeyo mu kifo kyange.
Tuula wansi!	Otudde wansi? Yee, ntudde wansi.

DRILL: Concord involving new nouns.

	'Where is the board?'	'Here it is.'
olubaawo	Olubaawo luli ludda wa?	Luuluno.
erinnya lyo	Erinnya lyo liri ludda wa?	Liirino.
oluggi	Oluggi luli ludda wa?	Luuluno.
ekifo kyange	Ekifo kyange kiri ludda wa?	Kiikino.
essanduuko	Essanduuko yange eri ludda wa?	Yiino.

DRILL: Possessives.

	'Where is my place?'	'Yours is over there.'
ekifo	Ekifó kỳàngè kiri ludda wa?	Ekikyo kiri eri.
ggwe	Ekifó́ kyò kiri ludda wa?	Ekyange kiri eri.
erinnya	Erinnya lyo liri ludda wa?	Eryange liri eri.
ye	Erinnya lye liri ludda wa?	Eririye liri eri.
akagaali	Akagáálí ké kàli ludda wa?	Akake kali eri.
ffe	Obugaali bwaffe buli ludda wa?	Obwammwe buli eri.
emmotoka	Emmotoka yaffe eri ludda wa?	Eyammwe eri eri.
mmwe	Emmotoka yammwe eri ludda wa?	Eyaffe eri eri.
omusomesa	Omusomesa wammwe ali ludda wa?	Owaffe ali eri.
bo	Omusomesa waabwe ali ludda wa?	Owaabwe ali eri.
ebitabo	Ebitabo byaabwe biri ludda wa?	Ebyabwe biri eri.

To the student:

The simplest command form is the imperative. This consists of the stem alone, without any prefixes or suffixes. The tone pattern is UM (first mora unmarked regardless of the tone class of the verb; remaining moras marked. For nontonal details, see Ashton, p. 29,36; Chesswas, par. 112.

Glossary:

.sangula	(.sangudde)	wipe off, erase
e.ki.fo	(KI-BI)	place

Sample of free conversation:

A:	Mwami Okuma, essaati yo eyo ennungi wagigula wa?	Mr. Okuma, where did you buy that beautiful shirt of yours?
B:	Nagigula mu Lagos.	I bought it in Lagos.
A:	Wagenda ddi e Lagos?	When did you go to Lagos?
B:	Mu ssabbiiti bbiri eziyise.	In the past two weeks.
A:	Wagendera mu ki?	How did you go?
B:	Nagendera mu nnyonyi.	I went by plane.
A:	Wagenda kukola ki?	What did you go to do?
B:	Nagenda kulaba mikwano gyange.	I went to see my friends.
A:	Wagiraba?	Did you see them?
B:	Nedda saagiraba. Tegyaliyo.	No, I didn't see them. They were not there.

LESSON 57

Pronunciation buildups:

A:	(Knocks) Ab'eno. Ab'eno.	(Knocks): Those who live here. [Hello there.] Those who live here. [Hello there.]
B:	Wangi # nnyabo.	Hello, madame.
A:	Nga ffe.	It is us.
B:	Ee, kale + nnyabo.	Ee, all right madame.
	okubabuuza'+ko	to greet you a little
	abaagala + okubabuuza'+ko.	those who want to greet you a little
A:	Nga ffe abaagala + okubabuuza'+ko.	It is us who want to see you.
B:	Kale + maama.	All right, madame.
	Yingira + maama.	Come in, madame.
A:	Kale + ssebo.	All right, sir.
	olabise'	you're seen
	olabise'-ko	you're seen a little
B:	Olabisee'ko + nnyabo?	You're here, madame!
A:	Yee, ssebo.	Yes, sir.
B:	Nsanyuse + okukulaba.	I'm glad to see you.
A:	Nange.	So am I. [I'm also glad to see see you.]
B:	Tuulira # awo + maama.	Sit over there, madame.
A:	Weebale # nnyo.	Thank you very much.
B:	Eradde?	Is it peaceful where you come from?
A:	Eradde + ssebo.	It is peaceful where I come from, sir.
B:	Maamu?	Truly peaceful?
A:	Maamu.	Truly peaceful.
B:	Nnyooge?	Surely peaceful?
A:	Nnyooge.	Surely peaceful.
B:	Mirembe.	Really peaceful?

A:	Mirembe + ssebo.	Really peaceful, sir.
B:	Osiibye˙ otya+nno + nnyabo?	How have you spent the afternoon, madame? [Good afternoon, madame.]
A:	Bulungi + ssebo.	Well, sir.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Osiibye˙ otya+nno?	How have you spent the afternoon? [Good afternoon!]
B:	Bulungi.	Well.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Mugyebale + emirimu.	Thank you for doing your work.
B:	Awo.	You're welcome.
A:	Mmm.	Mmm.
B:	Mmm.	Mmm.
A:	Omwami / gy'ali + ssebo?	Is the master home, sir?

This dialog, consisting of fairly rigid formulae, is probably worth memorizing.

Dictation: (If possible, write the tones as well as the vowels and consonants. Check your work by looking at the following transcript of the dialog.)

A: Àbꜜénò, À-bꜜénò. B: Wàngí. A: Ngà ìfé.

B: Ee m̀mwé bààní nnyabo? A: F̀fè bàmùlìráànwá.

B: Ooo! A: Tẃàgálá kúbábùùzáákô. B: Túsànyùsè

òkùbálàbá. A: Náffè. B: Mmm. A: Mmm. B: Ýíngìrà

máàmá. A: Kálè ssébò. B: Olábíséékô? A: Yèè ss̀ébò.

B: Ǹsányùsè òkùkúlàbá. A: Náńgè. B: Túúlìrá wànó.

A: Kálè. B: Èrád́dè? A: Èrád́dè nǹyô ssébò. B: Máàmú?

A: Mmm. B: Nnyooge? A: Ǹnyóògé. B: Mirembe?

A: Mìrémbé. B: Wásúzé ótyáǹnò ǹnyábò? A: Bùlúńgì.

B: Mmm. A: Wásúzé ótyáǹnó ss̀ébò? B: Násúzééyô.

A: Mmm. B: Mmm. A: Mùgýébàlèkó èmírímú. B: Àwó.

A: Mmm. B: Náḿmwè mẃébàlé. A: Àwó ss̀ébò. B: Mmm.

A: Mmm. B: Mmm. A: Òmùkýàlà gy'àlí?

To the student:

The form [okubabuuza˙+ko] consists of the infinitive [okubuuza˙] with the object infix [ba], and the enclitic [ko]. As pointed out in the note for Lesson 56, an object infix used with the infinitive is marked. The infinitive also requires a [+] juncture before enclitics. The extra mora at the end of [okubuuza˙] is characteristic of causative stems. For details about causatives, see Ashton, p. 150ff, which shows how the extra mora results from an original *[y], and pp. 340-8; Chesswas, par. 174-7.

Glossary:

maamu nnyooge mirembe	These words are used in greetings to express "peaceful situation" in the place from which one comes.

LESSON 58

1. Dictation:

This text is much like the five that have preceded it. Use all three versions for dictation practice.

I. Jjinja kye kibuga ekikulu mu Busoga. Busoga eri buvanjuba bwa Uganda era ku nsalo ya Kenya ne Uganda. Jinja mulimu bantu bangi ab'enjawulo naye abasinga obungi abantu b'omu kibuga omwo Basoga. Abantu b'omu nsi eyo Busoga balimi, naye abantu b'omu kibuga Jjinja bakola mu ofiisi mu bitongole ebitali bimu, ng'ekitongole ky'obuzimbi, ekitongole ky'obulimi n'ebitongole ebirala.

II. Jjinja kye kibuga ekikulu mu Busoga. Busoga ye nsi emu mu Uganda eri ku bukiika bw'ebuvanjuba. Abantu abasinga obungi mu Busoga Basoga era n'ekibuga Jjinja abantu abasinga obungi Basoga, naye mulimu abantu bangi ab'amawanga amalala abava mu Uganda ne mu nsi endala. Abantu b'omu Busoga balimi naye abantu b'omu kibuga Jjinja abasinga obungi bakola mu ofiisi ez'ebitongole eby'enjawulo; ng'obulimi, obuzimbi n'ekitongole ky'ebyenjigiriza.

III. Jjinja kye kibuga ekikulu mu Busoga. Busoga ye nsi emu mu Uganda; ensi eyo eri mu buvanjuba bwa Uganda, eri ku nsalo ya Uganda ne Kenya. Abantu abasinga obungi mu Busoga Basoga era n'abantu abasinga obungi mu kibuga Jjinja Basoga. Abantu b'omu Busoga balimi, kyokka abantu b'omu kibuga Jjinja bo bakola emirimu mingi egy'enjawulo mu bitongole bya gavumenti; ng'ekitongole ky'obulimi, ekitongole ky'enjigiriza n'ebitongole ebirala.

2. Writing tones:

Write down each of the following phrases from the tape. Mark tones by listening to the tape, and then check yourself by looking at the right hand column below.

Without /+/:

ku nsalo ya Kenya	kù ǹsáló yá Kényà
abantu b'omu kibuga	àbáńtú b'ómú kíbúgà
emirimu gy'o mu ofiisi	èmírímú gý'ó mú ófììsí
ebibuga by'o mu Kenya	èbìbúgá bý'ó mú Kényà
ofiisi z'o mu kibuga	ófíísí ź'ó mú kíbúgà
ebitongole by'omu Gavumenti	èbìtóńgólé bý'ómú Gávúméńtì

With /+/:

ekibuga + ekikulu	èkìbúgà èkìkúlù
ebibuga + ebirala	èbìbúgà èbírálá
abasinga + obungi	àbásíngá òbúńgì
bakola + mu ofiisi	bákòlà mù ófììsí
balunda + ente	bálùndá énté

NB The Ministries in the Government of Uganda, with their official names are:

Minisita (Minister) w'eby'obulunzi, ebisolo n'ebyennyanja.	The Minister of Animal Industry, Game and Fisheries.
Minisita w'eby'ensonga ez'omunda.	The Minister of Internal Affairs.
Minisita w'eby'emirimu, amakubo, Post n'essimu.	The Minister of Works and Communications.
Minisita w'eby'ensimbi.	The Minister of Finance.
Minisita w'eby'obugagga obw'omu ttaka n'amazzi.	The Minister of Mineral and Water Resources.
Minisita w'eby'obusuubuzi n'amakolero.	The Minister of Commerce and Industry.
Minisita w'eby'enjigiriza.	The Minister of Education.
Minisita wa Govumenti ez'ebitundu.	The Minister of Regional Administrations.
Minisita w'eby'amayumba n'abakosi.	The Minister of Housing and Labour.
Minisita w'eby'enteekateeka n'okusitula embeera z'abantu.	The Minister of Planning and Community Development.

Minisita w'eby'obulimi n'ebibiina ebyegassi.	The Minister of Agriculture and Co-operatives.
Minisita w'eby'amateeka.	The Minister of Justice.

3. **Predicting tones:**

Look at the phrases in the left-hand column above. Try to predict the tones, either from memory or by applying the tone rules. Then check yourself by looking at the right hand column.

DRILL: Affirmative vs. negative, present tense.

Ensi eyo eri mu Uganda.	Ensi eyo teri mu Uganda.
Abantu abasinga obungi Basoga.	Abantu abasinga obungi ssi Basoga.
Balunda ente.	Tebalunda nte.
Bakola mu ofiisi.	Tebakola mu ofiisi.
Mulimu abantu bangi.	Temuli bantu bangi.
Batera okukola mu ofiisi.	Tebatera kukola mu ofiisi.
Bava mu Uganda.	Tebava mu Uganda.

DRILL: Affirmative vs. negative, far past.

Ensi˙ # eyo / yali mu Uganda.	Ensi˙ # eyo / teyali + mu Uganda.
Abantu + abaasinga + obungi / baali Basoga.	Abantu + abaasinga + obungi / tebaali + Basoga.
Baalundanga nte.	Tebaalundanga + nte.
Baakolanga mu ofiisi.	Tebaakolanga + mu ofiisi.
Mwalimu + abantu / bangi.	Temwali + bantu + bangi.
Baateranga kukola + mu ofiisi.	Tebaateranga + kukola + mu ofiisi.
Baavanga mu Uganda.	Tebaavanga + mu Uganda.

DRILL: Present, near past, far past.

'Those people come from Busoga.'	'Those people came (near past) from Busoga.' 'Those people came (far past) from Busoga.'
Abantu # abo / bava· mu Busoga.	Abantu # abo / baavudde mu Busoga. Abantu # abo / baava mu Busoga.
Balunda nte.	Baalunze· nte. Baalunda nte.
Bayitibwa "Banna-Peace Corps."	Baayitiddwa "Banna-Peace Corps." Baayitibwa "Banna-Peace Corps".
Batera kulola + mu ofiisi.	Baateze· kukola + mu ofiisi. Baatera kukola + mu ofiisi.
Abantu # abo / balimi.	Abantu # abo / baabadde balimi. Abantu # abo / baali balimi.

Glossary:

'kyokka'	'only, but'

LESSON 59

M-1

okuyingira	Muyingire + mu kibiina'.	Enter (pl.) the classroom!
okutuula	Mutuule + ku ntebe.	Sit in chairs.
okusirika	Musirike.	Be quiet.
okuwuliriza	Muwulirize.	Listen.
okutunula	Mutunule + ku lubaawo'.	Look at the board.
okuyimirira	Muyimirire.	Stand up.
okufuluma	Mufulume + ebweru.	Go outside.

M-2

okukola	Tukole-ki?	What shall we do?

DRILL: Subjunctive in all person-number combinations.

Nkole-ki?	Yimirira. (not subjunctive)
Akole-ki?	Ayimirire.
Tukole-ki?	Muyimirire.
Bakole-ki?	Bayimirire.

DRILL: Subjunctive, first person singular subjunctive and second person singular imperative.

okuyingira	Nyingire-wa?	Yingira mu kibiina.
okutuula	Ntuule-wa?	Tuula ku ntebe.
okutunula	Ntunule-wa?	Tunula ku lubaawo.

DRILL: Series of actions in subjunctive, third person plural.

Abayizi bakole-ki?	Bagolokoke.
Oluvannyuma bakole-ki?	Bayambale.
Oluvannyuma bakole-ki?	Balye ekyenkya.
Oluvannyuma bakole-ki?	Bagende mu kibiina.
Oluvannyuma bakole-ki?	Bayige Oluganda.

C-1

A: Tukole-ki?
B: Mu(yingire mu kibiina).
A: Oluvannyuma tukole ki?
B: Mu(tuule ku ntebe).

To the student:

The form [muyingire] 'enter (pl.)!' is subjunctive, used here as a kind of command. For more information about subjunctives, see Ashton, pp. 29-30, 220-6 and other references listed in the index; Chesswas, par. 110-11. Tonally, the subjunctive has the unique pattern --M, according to which nothing is marked except the last syllable: even diphonic subject prefixes such as [mu] are unmarked. Unlike the final [e] of many modified stems (i.e. [fulumye']) the final [e] of the subjunctive does not carry an extra mora.

Glossary:

.yingira	(.yingidde)	enter
.yimirira	(.yimiridde)	stand
.sirika	(.sirise')	be silent
.wuliriza	(.wulirizza)	listen
.tunula	(.tunudde)	look
.fuluma	(.fulumye')	come or go out
e.bweru		outside

LESSON 60

M-1

emmeeza	Giteeke + ku mmeeza.	Put it on the table.
ensawo	Giteeke + mu ns̀áwó‿yô.	Put it in your pocket.
essanduuko	Giteeke + mu sanduuko.	Put it in the box.
wano	Giteeke # wano.	Put it here.
awo	Giteeke # awo.	Put it there (near you).
wali	Giteeke + wali.	Put it over yonder.

M-2

ekkalaamu	Ekkalaamu yange / ngiteeke-wa?	Where shall I put my pen?
ekitabo	Ekitabo kyange / nkiteeke-wa?	Where shall I put my book?
olupapula	Olupapula lwange / nduteeke-wa?	Where shall I put my paper?
ensimbi	Ensimbi zange / nziteeke-wa?	Where shall I put my money?

DRILL: Subjunctive, first person sg. and pl.

Ekkalaamu ngiteeke ku mmeeza?	Shall I put the pen on the table?
Ekkalaamu tuziteeke ku mmeeza?	Shall we put the pens on the table?
Tugende ku lubaawo?	Shall we go to the board?
Ŋŋende ku lubaawo?	Shall I go to the board?
Nsangule olubaawo?	Shall I erase the board?

Tuyimirire?	Shall we stand up?
Nnyimirire?	Shall I stand up?
Nzireyo mu kifo kyange?	Shall I return to my place?
Tuddeyo mu bifo byaffe?	Shall we return to our places?

DRILL: Subjunctive, first person plural, with object infix.

	'Where shall we put our pens?'	'Put them over there.'
ekkalamu	Ekkalaamú zàf̀f̀e tuziteeke wa?	Muziteeke wali.
ebitabo	Ebitábò byàf̀f̀è tubiteeke wa?	Mubiteeke wali.
emigaati	Emigáàtì gỳàffè tugiteeke wa?	Mugiteeke wali.
engatto	Engát́tò zàffe tuziteeke wa?	Muziteeke wali.
ebbaluuwa z'ekkubo	Ebbalúuwà zàf̀f̀e ez'ekkubo tuziteeke wa?	Muziteeke wali.
ebifaananyi	Ebifáananyí byàffe tubiteeke wa?	Mubiteeke wali.
obugaali	Obugáalí b̀wàf̀f̀e tubuteeke wa?	Mubuteeke wali.

[Wali̲] corresponds to 'over there' if the place is definite and [eri̲] corresponds to 'over there' if the place is indefinite.

DRILL: Near past, affirmative and negative with object infixes.

'Did I put my money here?'	'No, you didn't put it here.'
	'You put it over yonder (indefinite location).'
Ensimbi zange nazitadde wano?	Nedda, tewazitadde wano.
	Wazitadde eri.
'Did they put their money here?'	
Ensimbi zaabwe baazitadde wano.	Nedda, tebaazitadde wano.
	Baazitadde eri.
'Did you put your watch here?'	
Essaawa‿yo wagitadde wano?	Nedda, saagitadde wano.
	Nagitadde eri.
'Did you (pl.) put your books here?'	
Ebitábò byàmmwe mwabitadde wano?	Nedda, tetwabitadde wano.
	Twabitadde eri.

To the student:

The imperative with an object prefix ends with [e]. The evidence in this lesson indicates that the stem tone pattern is probably FX or MX.

Glossary:

o.lu.papula	(LU)	paper

LESSON 61

Pronunciation buildups:

A:	Omwami / gy'ali + ssebo?	Is the master home, sir?
B:	Tá-lî·+yô.	He's not home.
	yagenze·	he went
A:	Yagenze·-wa?	Where did he go?
	okukola	to work
	mu kibuga kukola	in the city to work
B:	Yagenze· mu kibuga + kukola + nnyabo.	He went downtown to work, madame.
A:	Yagenze· kukola?	He went to work?
B:	Mmm.	Mmm.
	okukoma	to stop
	okukoma+wo	to return
	anaakoma+wo	he will return
A:	Anaakoma-wo+ddi?	When will he return?
B:	Kawungeezi.	In the evening.
A:	Kawungeezi?	In the evening?
B:	Mmm.	Mmm.
	omukyala	the lady
	ye	she
A:	Ye, omukyala / gy'ali?	How about the lady of the house, is she home?
	ennimiro	garden
	mu nnimiro	in the garden
	agenze· mu nnimiro	she has gone to the garden
B:	Omukyala / agenze· mu nnimiro.	The lady of the house has gone to the garden.
A:	Agenze· mu nnimiro?	She has gone to the garden.
B:	Mmm.	Mmm.

okuyitayita	to pass by many times or aimlessly
okuyitayita+ko	to pass by many times or aimlessly a little bit
mpitayita-ko	I pass by many times / aimlessly, a little bit
mpitayita-ko awo	I pass by many times / aimlessly a little bit there
Mbadde + mpitayita-ko # awo.	I was just passing by.
mbabuuze'	let me greet you
mbabuuze'-ko	let me greet you a little bit
bano	those
ŋŋende	let me go
ŋŋende bano mbabuuze'-ko.	let me go and greet these (people) a little
Ka ŋŋende bano / mbabuuze'-ko.	And let me go and greet these (people) a little.
A: Mbadde + mpitayita-ko # awo, ne ŋŋamba nti ka ŋŋende bano / mbabuuze'-ko.	I was passing by and decided to stop in and say 'Hi'.

DRILL: Use of infinitive to show purpose.

'What he went to Buganda for is to teach.'

Buganda	Yagenda mu Buganda + kusomesa.
ekibiina'	Yagenda mu kibiina kuyiga.
ekyalo	Yagenda mu kyalo kulima.
eka'	Yagenda ka kuwummula.
ekizannyiro	Yagenda mu kizannyiro kuzannya.
edduuka'	Yagenda mu dduuka kugula ssaati.

DRILL: Matching subject prefixes in a compound tense.

nze	Mbadde # mpitayita-ko # awo.
ggwe	Obadde # oyitayita-ko # awo.
ye	Abadde # ayitayita-ko # awo.

ffe	Tubadde # tuyitayita-ko # awo.
mmwe	Mubadde # muyitayita-ko # awo.
bo	Babadde # bayitayita-ko # awo.

DRILL: Compound tense, first verb in perfective tense.

	Mbadde # ndya.	I've been eating.
ffe	Tubadde # tulya.	We have been eating.
okusoma	Tubadde # tusoma.	We have been reading.
nze	Mbadde # nsoma.	I've been reading.
okwagala emmere	Mbadde # njagala + emmere.	I've been wanting some food.
ffe	Tubadde # twagala + emmere.	We have been wanting some food.
okuzannya	Tubadde # tuzannya.	We have been playing.
nze	Mbadde # nzannya.	I've been playing.
okwambala enkuufiira	Mbadde # nnyambadde + enkuufiira.	I've been wearing a hat.
ffe	Tubadde # twambadde + enkuufiira.	We have been wearing hats.

DRILL: Optional use of [ngà] in compound tense.

'I have been eating.'	'I've been eating.'
Mbadde # nga ndya.	Mbadde # ndya.
Tubadde # nga tusoma.	Tubadde # tusoma.
Babadde # nga bayitayita.	Babadde # bayitayita.
Abadde # nga agenda ka.	Abadde # agenda ka.

DRILL: Compound tense, first verb in perfective vs. near past tense.

'I was eating/have been eating.'	'I was (near past) eating.'
Mbadde ndya.	Nabadde ndya.
Tubadde tulya.	Twabadde tulya.
Tubadde tuzannya.	Twabadde tuzannya.
Abadde afuluma ebweru.	Yabadde afuluma ebweru.
Abadde awuliriza.	Yabadde awuliriza.
Babadde bawuliriza.	Baabadde bawuliriza.

To the student:

